

# *ENKOLA Y'EKKANISA*

蟋蟀 Wano, guno ogussaako—ogussaako otya? Yee, uh-huh...?...[Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] Kati nno weetegeke okugiggyako. Kati, nja, kukuwenyaako n'omutwe gwange, bwe nti. Okiraba? Okiraba? Nja, kukuwenyaako n'omutwe gwange. Olwo ggwe...[Ow'oluganda abuuza nti, "Kaseera ki w'oyagala nkikolere?" Ow'oluganda omulala agamba nti, "Agambye nti, 'Gizzeeko.'"]

Ab'oluganda, twayise olukujjaana luno wano akawungeezi kano olw'ekigendererwa eky'okutegeera engeri y'okuddukanyaamu Ekkanisa ya Katonda omulamu, gye, tukkiriza nti tuli kitundu ku Kkanisa eno.

<sup>2</sup> Njagala, okusookera ddala, njagala okugamba nti mu njendo zange zonna okwetooloola ensi, nga bwe mmanyi, kino kye kimu ku bifo ebisingayo okuba eby'omwoyo w'owulira Omwoyo wa Katonda okusinga mu kifo ekirala kyonna kye mmanyi. Nnalina ebifo ebirala bibiri bye nnali mmanyi ebyalinga eby'omwoyo, naye we njogerera ebifo ebyo te-tetukyabiraba; ekimu kyagenda mu kibiina kya ddiini, ate ekirala kyo—kyo kiringa ekyagwa.

<sup>3</sup> Kati bankubidde essimu olunaku lw'eggulo ne—ne bantegeeza nti mwenna mwabaddle mwagala tubeere n'olukiiko musobole okumbuuza ebibuzzo bino ebikwata ku buvunaanyizibwa bwammwe bwe mulina mu kkanisa eno, era na...ekyo kye kindeese wano akawungeezi kano, kwe... awamu n'oku—okulambika ekkanisa, oba okubawa ebintu bye ndowooza nti—nti bikulu nnyo mu kusobozesa ekkanisa eno okugenda mu maaso.

<sup>4</sup> Ab'oluganda, nkakasa nga mukiraba nti, nga bwe njogedde ku kifo kino nga bwe kiri eky'omwoyo. Si ky'ekifo ekisingayo obunene mu nsi yonna, era si ky'ekifo we tulina okuyimba okusingayo obulungi, okuleekaana okusingayo, n'okuwoggana okusingayo, oba awali abantu abasinga okwogera mu nnimi, n'ebirala, ebyo si bye ntegeeza, naye ntegeeza omutindo gw'Omwoyo akolera mu kkuujjaaniro lino wano. Era, ku nsonga eyo, njagala okusiima n'okwebaza Ow'oluganda Neville, ne—nammwe ab'oluganda abali wano, abayima, n'abadiikoni, n'avunaanyizibwa ku Ssande sukuulu, n'abalala mwenna, olwa—olw'ebyo bye mukoze okuyamba okukuumma ekkujjaaniro lino nga bwe liri. Kubadde kusaba kwange okumala ebbanga ddene, era mbadde nkiayaayaanira okuva nga nkyali mulenzi muto, okulaba ekkanisa nga erambikiddwa mu nkola ennuujjamu era nga etambulira mu nkola eyo.

<sup>5</sup> Kati, bwe twawongayo ekkanisa, nnabagamba nti, “Oluvannyuma nga wayiseewo akaseera nnalina kye njagala okwogerako nammwe ku ngeri y’okulambikamu ekkanisa eno mu nkola ennunyjamu, nga bw’erina okuddukanyizibwa.” Era mwatandika...bwe nnava wano, twafuna abaweereza n’abalala abatala bamu. Naye kati, Ow’oluganda Neville nga bwe yali yaakajja, okutwegattako, nnalowooza nti kijja kuba kirungi Ow’oluganda Neville okusooka okunywezebwa mu Kukkiriza nga sinnaba kwanjula bintu nga bino bye nnaatera okwanjula. Naye kati, nga bwe ndabye nti agenda yeeyongera okunywezebwa mu Kukkiriza, era atgeera bulungi Enjigiriza bw’eri, era—era nga akoze ekitundu ky’omujulirwa omwesigwa eri Kristo n’okunyweza kye tukkiriza okuba nti ge Mazima, ndowooza kati y’essaawa, kye kiseera ekirungi, okumutuukirira mu...wamu nammwe abakadde n’abalala wano ab’ekkanisa, mutwale enkola zino era muzijjukirenga, nga bwe mmanyi nti ze zisingirayo ddala mu maaso ga Katonda. Era kati mmwe be ntunuulidde okuteeka mu nkola ebantu bino nga bwe mbyogera, kubanga wano wateekwa okubaawo omuntu akulembera abalala. Mulina okuba ne...

<sup>6</sup> Kati, ssigezaako kwewanjamya mu buyinza oba ekintu bwe kityo, naye, mulaba, omuntu oba ekintu kyonna bwe kiba n’emitwe ebiri, te—tekimanya wa wa kulaga. Katonda Ekkanisa Ye tagiwangako mitwe ebiri, Takikolangako, erina omutwe gumu. Bulijo okuyita mu buli mulembe gwonna nga bwe tuzze tuyiga okuyita mu Byawandiikibwa, wabaawo omuntu omu gw’Akolagana naye. Kubanga bw’obeera n’abasajja babiri, obeera n’endowooza bbiri. Ate nga kirina kukomekkerereza mu kintu kimu eky’enkomeredde, era eky’enkomeredde kyange kye Kigambo, Bayibuli. Era nga omusumba w’ekkanisa wano, eky’enkomeredde kyange kye Kigambo, era njagala...mmanyi mmwe, baganda baffe, mu ngeri emu oba endala nze gwe mutunuulira okuba eky’enkomeredde kyammwe ku...kasita mba nga ngoberera Katonda, nga Pawulo bwe yagamba mu Byawandiikibwa nti, “Mungoberere, nga bwe ngoberera Kristo.”

<sup>7</sup> N’olwekyo ab’oluganda mbasuubira, ekiseera kyonna singa mundaba nga mpaba okuva ku Byawandiikibwa bino, okujja gyendi onsisinkane mu buntu ombuulire wendi omukyamu. Sifaayo oba oli omu ku bayima oba o...oba ggwe ayonja ekkanisa, kyonna ky’oli, onvunaanyizibwako, nga ow’oluganda mu Kristo, okunjambia bwe mbaako we mpabye mu Byawandiikibwa. Bwe wabaawo ekibuuzo kyonna, leka tutuule ffembi tukigonjoole, wamu.

<sup>8</sup> Era nzikiriza, eyo y’ensonga lwaki muzze, gyendi akawungeezi kano, ne mumpita okujja wano, kubanga waliwo wano ebibuuzo ebibatawaanya mu birowoozo byammwe ebikwata ku bintu bye nnina—bye nnina wano. Kati mujjukire, ab’oluganda, simanyi...ku bibuuzo bino tekuli n’ekimu

kiwandiikiddwaako linnya, naye...byawandiikiddwa, era sisobola...simanyi b'ani abaabiwandiise, naye bibuuzo bye mulina mu ndowooza zammwe, era ndi wano okubyanukula mu ngeri esingirayo ddala nga bwe mmanyi.

<sup>9</sup> Kati mujjukire nti, Katonda nze gw'atunuulidde okulaba nga nnywerera mu Kigambo. Nange ye mmwe be ntunuulidde okulaba nga muteeka mu nkola Ekigambo, mukiraba, mukiraba, mu kkanisa eno. Era mugikuume nga ya mwoyo, kubanga, mujjukire nti, amaanyi gonna aga—ag'obwakabaka bwa Ssetaani obw'ekizikiza gajja kubagolokokerako bwe munaatanula okukula mu Mukama. Naye muteekwa kuba bajaasi, si ba kulutu abaa kayingizibwa mu magye. Kati muli bajaasi abalina obumanyirivu, era mutendekeddwa kulwana. Kati Ssetaani ajja kubasenseramu, abaleetere obutakkaanya bw'aba asobola. Naye mumugoberewo mangu ddala; muli baaluganda; era oyo aba mulabe. Era tuli wano okunyweza omutindo mu kiseera kino eky'Omusa na ogw'akawungeezi, nga, ensi ejjudde enzikiza nga n'obwakabaka bw'ekkanisa bwonna buggweera mu Kakiiko akagatta Amakanisa. Era mu bbanga ttono bajja kutimba akapande ku luggi luno akagamba nti, "Waggaddwa!" Era ekyo bwe kiribaawo tuliba tulina okufuna ebifo ebirala mwe tuisisinkanira, kubanga awatali kubuusabuusa kwonna amakanisa gano bajja kugaggalawo olumu ku nnaku zino bwe tutakkiriza kabonero ka nsolo. Naye twesigamye ku kusigala nga tuli beesigwa eri Katonda okutuusa okufa lwe kulitusumulula, era ekyo kye tugenderera okukola.

<sup>10</sup> Kati ka tugende buteree mu...Era mbasaba, nti ssinga wabangawo ekiseera kyonna lwe wabaawo ekimu ku bintu bino ekitankanibwa, mbasaba olutambi luno luzannyibwe eri bammemba b'ekkanisa eno, olaba, mu nkujjaana zammwe, manya nga olukujjaana terunnatandika, nga olukujjaana lunaatera okutandika. Musseeko olutambi luno muluwulirize! Era nsaba ekibiina ky'abakkiriza ba wano bategeere nti abasajja bano bavunaanyizibwa eri Katonda, okusinziira ku kirayiro kyabwe kye baakola mu kkanisa eno, okuyamba okunyweza ennono zino. Oyinza obutakkiriziganya nazo; naye naawe singa nkuleka n'oba nga ggwe agiddukanya, nange sijja kukkiriziganya naawe. Tulina okubaako ensibuko awantu awamu awali ekyo eky'enkomeredde. Era ekisingayo kye mmanyi, nziwa wansi w'Omwoyo Omutukuvu, nga mmuwa omwagaanya y'Aba abeera Ow'enkomeredde wange. Era olutambi luno ka lubeere eky'enkomeredde kyammwe ku bibuuzo bino.

Kati, ekibuuzo ekisooka kigamba nti:

**222. Ekkanisa enaakwatanga etya ensonga ezikwata ku bwetaavu bw'obuyambi mu by'ensimbi...emmre n'ebi'okwambala? Kiki—kiki ky'erina okukola, ekkanisa erina—erina kukola etya?**

<sup>11</sup> Kati tukimanyi nti ekkanisa evunaanyizibwa ku bantu baayo, ku bammemba baffe wano mu kkanisa, tuvunaanyizibwa mu bujuvu kasita tubeera nga tulina bye beetaaga okuweebwa. Tuvunaanyizibwa ku bantu baffe, abo nga, be bammemba b'ekkunjaaniro ab'enkalakkalira, abajja wano okusinza naffe. Tubavunaanyizibwako, nga baganda baffe era bannyinaffe abakakasiddwa okuba bammemba b'ekkunjaaniro lino.

<sup>12</sup> Kati, tukimanyi bulungi nti waliwo obukadde n'obukadde akawungeezi kano abatalina mmere, abatalina ngoye, era nga bonna twandyagadde okubayamba, tukole kyonna kye tusobola; naye okusinziira ku mbeera y'eb'yensimbi ekyo tetusobola kukikola, tetusobola kuyamba nsi yonna. Naye abaffe kitukakatako okubayamba. Era ndowooza, nti ekyo bwe tukikola, ne tubaako ne kye tufissizzaawo kye mwandyagadde okuwaayo eri abantu abatali bammemba ba kkanisa eno wano, ekintu kyonna kye muba mwagala okubawa, kirina kukolebwako kakiiko k'abadiikoni.

<sup>13</sup> Abadiikoni be balina okukola ku kusoomoozebwa kuno—kuno, oba ku kizibu kino, manyanga; kubanga ne mu Bayibuli bwe waabalukawo obutakkaanya ku mmere n'eb'yokwambala, n'ebirala mu Kitabo ky'Ebikolwa by'Abatume, baayita abatume ne babategeeza ensonga eyo, ne bagamba nti, "Mugende mwenonyeemu abasajja musanvu abasiimbwa era abajjudde Omwoyo Omutukuvu be tunaawa okukola ku bintu bino. Kubanga ffe tunaanyiikiranga mu kuweereza Ekigambo kya Katonda ne mu kusaba."

<sup>14</sup> Na bwe kityo si buvunaanyizibwa bwa musumba okunoonyanga...emmere n'ebirala. Ebyo abadiikoni be balina okubikola. Si bayima, ebyo wofiisi y'abadiikoni y'erina okubikola. Era kino kirina kuba...Mujukire nti mu Bayibuli, baali bawaayo kulabirira bantu baabwe, kyali mu Bayonaani ne—n'Abayudaaya, we waasibuka enkaayana nga omu afuna kingi okusinga omulala, naye baali bantu abaali batunze ebintu byabwe byonna ne babiwaayo eri ekkanisa okugiwagira, bisobole o—okugabanyizibwamu kyenkanyi. Naye ne wabaawo obutakkaanya obutonotono obwabalukawo, era awo we twafunira abadiikoni baffe abaasooka. Era ogwo gwe gumu ku mirimu gyabwe, kwe kukola ekyo.

<sup>15</sup> Kati ndowooza nti, ku nsong ekwata ku bantu baffe bennyini, abantu baffe bennyini, tusaanye okubalabirira. Era bwe wabaawo okwemulugunya kwonna, kulina okutegeezebwa, ssentebe w'akakiiko k'abadiikoni, era okwemulugunya okwo akakiiko k'abadiikoni kasaanye okukutunulamu balabe kye basobola okukukolera. N'olwekyo ebintu ebyo byonna nga engoye, n'emmere, n'obuyambi obwa ssente oba kyonna kye kiri, byonna birina kuyita mu badiikoni. Kati abadiikoni, bwe basalawo nti ba—nti ba...bwe basalawo kye babeera bagenda okukolera ensonga eyo, kati okuva awo kirina okutegeezebwa

o—omuwanika, okulaba oba nga omuwanika mu kiseera kino asobola okufulumya omutemwa gwa ssente ogwo, oba—oba okugula engoye zino, oba kyonna ensonga eyo ky'eba eri. Naye a—akakiiko k'abadiikoni be balina okusisinkana ku nsongha eyo, era tekigenda eri bayima newankubadde eri omusumba. Nsongha erina okukolwako abadiikoni, nga bo awamu.

Kati, kaakati, ekibuuozo nnamba bbiri.

**221. Kimala okukirangirira mu lujjudde ku kituuti nti ennimi n'okuvvvuunulwa birina kukolebwa mu lukunyanaa olw'enjawulo nga okusaba tekunnatandika?**

Ekyo kye kibuuzo eky'okubiri ku kapapula kano ke nnina wano, ka kkaadi akatono.

<sup>16</sup> Kati, kino kyandibadde kigenda eri musumba, mukiraba. Kubanga ye—ye, bw'ova ku biri ebirala byonna, y'avunaanyizibwa ku kitundu eky'omwoyo, y'akikulira. Abadiikoni basirikale mu kkanisa, abavunaanyizibwa okukuuma obutebenkevu n'okulabirira ebantu bino, n'okuliisa abaavu, n'ebirala. Abayima bavunaanyizibwa ku bya ssente na kizimbe; bye balina okulabirira. Naye omusumba y'avunaanyizibwa ku gw'o—ogw'okulabirira ekitundu eky'omwoyo, era kino kibadde kirina kugenda gy'oli, Ow'oluganda Neville.

<sup>17</sup> Kati, ku ekyo... emabegako bwe waateekebwawo enkola ey'okugoberera, mu kkanisa. Nzirkiriza mu kwogera mu nnimi, wamu n'okuzivvuunula, n'ebirabo eby'omwoyo ebirungi byonna Katonda bye yassaawo okuba mu kkanisa. Naye tuli mu biro nga bwe byali mu biseera bya Bayibuli, nga amakanisa... Kati, ssinga mwekkaanya bulungi Pawulo, ye yatandikawo ekkanisa y'omu Efeso, ekkanisa ya Efeso, eyali ekkanisa eyasimbibwa obulungi. Ekyo mubadde mukimanyi? Tukkiriza nti Pawulo, era naye yennyini yakyogera n'agamba nti, yayogeranga mu nnimi nnyingi, era tukimanyi bulungi nti yalina ekirabo eky'okwogera mu nnimi. Si ezo ze yayiga obuyizi, wabula ezo ezaamuweebwa mu mwoyo, okusinziira nga bw'ayogera mu bbaluwa y'Abakkolinso. Kati olw'okulokola obudde, sigenda kubikkula we kiri mu Bayibuli kukibasomera, kubanga kiba kijja ku—kutulwisaawo nnyo wano akawungeezi kano, ate nga sirina budde bungi nnyo kiri awo. Kale mno... naye njagala mukirabe era mukitegeere bulungi.

<sup>18</sup> Kati, Pawulo talundi n'ogumu lwe yayogera eri kkanisa y'Abaefeso oba ekkanisa y'Abaruumi, oba emu ku makanisa ago amalala, ku bikwata ku birabo eby'omwoyo bye baalina, n'enjeri y'okubikozesanga mu nkola ennuñjamu. Naye yalina okukyogerangako eri Abakkolinso entakera, kubanga buli mulundi baakifuulanga nsongha. Era Pawulo agamba nti, bwe yagenda gye bali, baakizuulanga nti omu yabangako olulimi lw'ayogera nga omulala alina zabbuli, ne yeebaza

Mukama olw'ebirabo byabwe ebirungi byonna n'ebirala bwe bityo. Era bwe mwetegereza mu ssuula esooka manya ey'okubiri ey'ebbaluwa gye yawandiikira Abakkolinso, Pawulo yali abategeeza, ebifo byabwe mwe balina okuba, kye baali mu Kristo, bwe ya...baatekebwa mu bifo byabwe mwe balina okuba mu Kristo.

<sup>19</sup> Ekyo bwe yamala okukibagamba, kati okuva awo nga taata n'abaggyirayo kibooko, n'abagamba nti, "Mpulira nti waliwo okuyomba mu mmwe, era mpulira mbu mutamiirira ku mmeeza ya Mukama waffe." Teyabaggyaako Bukristaaayo bwabwe; ekyo nammwe ab'oluganda temukikolanga, okubaggyako obukristaaayo bwabwe, naye ensonga yali ku ngeri gye baali beeyisamu mu nnyumba ya Katonda. Awo ensonga we yali.

<sup>20</sup> Kati, leka ḥjambe bwe nti, nti nga Pawulo ow'edda bwe yagamba, nti, "Bwe mukunjaana awamu, omu bw'ayogera, leka omulala avvuunule. Bwe watabaawo avvuunula, awo asirike. Naye bwe wabaawo avvuunula..."

<sup>21</sup> Kati, nzize nneetegereza ekkanisa eno wano, era mbalabye nga mukula, era ndabye ebirabo bingi eby'omwoyo nga bikolera mu makkati gammwe. Eky'amazima, lumu nnalina okujja eri Ow'oluganda Neville n'Ekigambo okuva eri Mukama, okubaako kye mmugolola ku kintu ekimu kye yali akola.

<sup>22</sup> Era oba nga...Mukama bw'aba...Omwovo Omutukuvu bw'aba yanfuula omulabirizi w'Ekisibo, kitegeeza bувunaanyizibwa bwange okubabuulira Amazima. Era nsiima nnyo Ow'oluganda Neville, okuba nti yagondera Amazima. Nze nsobola kukola kimu kyokka kugoogera nga bw'Aganjamba.

<sup>23</sup> Kati, ku nsongra eno, nga bwe nzize nneetegereza ekkanisa yammwe nga ekula, era ne nkiraba. Kati mu kkanisa, eno y'engeri gye twakikolangamu mu kusooka, era eno y'engeri gye—gye twagala kikolebwe.

<sup>24</sup> Kati, bwe muteegeendereza, abaana abawere bwe... Omwana omuwere ky'asooka okukola kwe kugezaako okwogera nga tannayiga kwogera. Mukiraba? Ajoboja nnyo, n'aleekaana, ne—n'ebirala byonna, naye mu ye abeera alowooza...mu kiseera ekyo asobola okwogera okusinga omubuulizi. Kati, tukiraba nti ekyo tekibaawo ku ludda lwa butonde lwokka naye tukisanga ne ku ludda olw'omwoyo. Abeera *mwana* muwere. Era omwana oyo ssinga ogezaako okumugolola n'omukubamu akai kubanga "ajoboja" era agezaako okwogera, omwana oyo ojja kumulumya. Olaba, era ojja kumukosa. N'olwekyo omwana oyo kisingako n'omuleka ne yeeyongera okukula okutuusa lw'aba nga asobola okwatula bulungi ebigambo bye, olwo n'olyoka omugamba *ddi* w'alina okwogerera. "Si kwogera nga taata ayogera oba nga maama ayogera." Naye ekiseera ekituufu bwe kituuka, muleke ayogere. Muntegeera? Kati, muleke ayogere ekiseera kye eky'okwogera bwe kituuka.

<sup>25</sup> Kati, bwe mba nnali mbadde n'ekintu ekyanfuukira eriggwa mu mubiri gwange, wabweru eyo mu lukunjaana, ye muntu okusituka nga mbuulira n'awa obubaka mu nnimi n'ataataaganya Omwoyo. Nnaakava mu lukunjaana mu New York ne mu bifo eby'enjawulo abawereza gye baleka ekintu bwe kityo ne kikolebwa, emirundi n'emirundi, naye ka-kabeera kavuyo keereere. Mulabeeyo, Katonda bw'aba alina ekirowoozo ky'alondoola, Abeera...kibeera—kibeera... Abeera yeerwanyisa Yekka, ssinga Agezaako okukulunjamya, eri ekibiina, okuyita abantu okujja okulokoka ate ne wabaawo ekitaataaganya.

<sup>26</sup> Okugeza, nga kino. Twali ku mmeeza, nga twogera, ate twali twogera ku Mukama. Ne zireeta junior, n'ajja nga adduka, n'ajja we twali tutudde, fenna n'atuwugula ebirowoozo n'atuggyga ku kye twali tukola, nga bw'awoggana, bw'aleekaana nti, "Taata! Maama! Bannange! Bannange! Nteebye bwe tubadde tuzannya eri mu tiimu yaffe! Era tukoze *bino*, na *biri* na *biri*!" Ate nga ensonga gye twali twogerako yali nsonga enkuulu ennyo ddala. Kati, eky'okuba nti yali ateebye, ekyo kirungi nnyo; mu muzannyo gw'ensero, ekyo kirungi. Naye okujja n'ataataaganya obubaka bwe twali tugabanako yakikola mu kiseera kikyamu. Leka alinde okutuusa ekiseera kye lwe kinaatuuka alyoke atubuulire bye yakoze mu muzannyo gw'ensero.

<sup>27</sup> Kati, ekyo kintu ky'ekimu kye tusanga mu birabo ensangi zino. Y'ensonga lwaki Katonda tayinza kwesiga bantu kubawa birabo bingi eby'omwoyo, tebamanyi kubifuga. Ogwo gwe mutawaana oguliwo leero, y'ensonga lwaki tetulina bisukka ku bye tulina.

<sup>28</sup> Era tukiraba nti waliwo okugeegeenya kw'ebirabo eby'Omwoyo kungi nnyo. Naye sikkiriza nti ekyo bwe kityo *bwe kiri* wano mu kkanisa yaffe. Ekyo nkyebaliza. Sikkiriza nga waliwo okugeegeenya kwonna. Nzirkiriza nti tulina ebirabo byennyini ebya nnamaddala, naye tuteekwa okumanya engeri y'okufugamu ebirabo ebyo.

<sup>29</sup> Ate bw'otandika okukola ekintu ekirungi...Kiringa singa obeera olina mukama wo gw'okolera n'okola omulimu gwo ogusooka nga oli mwetegefu okuweebwa ebiragiro ebikuweebwa, mukama wo ajja kuba akulinamu obwesige era buli kiseera ajja kuba akukuza okukuwa woofiisi eya wagguluko.

<sup>30</sup> Kati, nzirkiriza nti ekiseera ekyo kituukiridde eri Ekkunjjaaniro lya Branham, okumanya bwe tulina...okukozesa ebirabo Katonda by'atuwa, Katonda asobole okutwesigisa ebisinga ne ku bye tulina. Naye tetuyinza kugonda...era olaba omuntu bulijo gwe balina okubeera nga bajukiza kino na kiri. Ate mujukire nti, "Omwoyo wa bannabbi afugibwa nnabbi," Ekyawandiikibwa bwe kityo bwe kigamba. Bw'olaba

omusajja gw'olina okugolola, oba omukazi, naye omuntu oyo n'asigala nga akola ekikontana, ate nga g'omubuulira ge Mazima g'Ebyawandiikibwa, kiraga nti omwoyo amukozesa si wa Katonda. Kubanga Bayibuli egamba nti; "Omwoyo wa bannabbi," oba, "ow'okuwa obunnabbi," nga mwe muli, okuwa obujulizi, okubuulira, okwogera mu nnimi, oba kyonna kye kiri, kubanga ennimi bwe zivvuunuulwa buba bunnabbi. Kati omwoyo oyo afugibwa nnabbi, ate Ekigambo ye nnabbi. N'olwekyo tu—tukiraba nti kikontana n'enkola ennuñjamu omusajja oba omukazi okusituka n'awa obubaka, k'abeere nga awulira ayagala nnyo okukikola, nga omubuulizi ali mu kituuti.

<sup>31</sup> Kati nteesa kikolebwenga bwe kiti ku lw'Ekkunjaaniro lya Branham, nti nga—nga bwe kiri nti ebirabo byaffe bye tulina . . . Ate nga wano tulinawo abantu abalina ebirabo ebirungi ennyo ddala. Kati, buli kimu ku birabo ebyo buweereza obwetongodde. Byonna birabo, nga okubuulira bwe kiri ekirabo, nga okuwonya bwe kiri ekirabo, nga ebintu ebirala bwe biri ebirabo, na bino birabo, era buweereza obwetongodde. Era buli muntu alagirwa okulindirira ku kiseera ekituufu eky'obuweereza bwe.

<sup>32</sup> N'olwekyo eno y'engeri Ekkunjaaniro lya Branham gye liba liddukanyizibwamu, ne mu kiseera nga kino, nnaddala mu kiseera kino we tulina bingi nnyo (Kino ssandyagadde kukyogera naye), tulina bingi ebyefaanaanyiriza obwefafaanaanyiriza. Tetwagala kyefaanaanyiriza bwefafaanaanyiriza. Tewali muntu yenna, tewali muntu mwesimbu ayagala kintu kyefaanaanyiriza bwefafaanaanyiriza. Twa . . . Bwe tuba . . . tetusobola kuba na kya nnamaddala, leka tubeerewo nga tetulina n'ekimu, tulindirire okutuusa lwe tulifuna ekya nnamaddala. Kati, ekyo ba—bassebo nzikiriza nga munakkiriziganya nakyo. Tetwagala kintu kyonna kyefaanaanyiriza bwefafaanaanyiriza. Ab'oluganda, tetusobola kuzimbira ku kintu kyefaanaanyiriza bwefafaanaanyiriza ne tusuubira okuva mu nsi eno. Tulina okuba n'ekyannamaddala kyennyini, ekituufu. Ekyo bwe tuba tetunnakifuna, leka tulinde okutuusa lwe tulikifuna, tulikyogerako. Mukiraba?

<sup>33</sup> Kati, njagala ḥambe nti, leka abasajja bano bonna n'abakazi aboogera mu nnimi, n'okuwa obunnabbi, n'okuwa obubaka obutali bumu . . . Kati nzi—nzikiriziganya nammwe bassebo nti ebirabo ebyo byannamaddala. Kati, Bayibuli egamba nti, "Mukemenga ebintu byonna; munywerezenga ddala ekyo ekirungi." "Kubanga n'emimwa eginanaagira n'ennimi endala Ndyogera eri abantu bano, kino ky'ekiwummulo kye Nnagamba mwe balina okuyingira" ekyo kiri mu Kitabo kya Isaaya.

<sup>34</sup> Kati, nteesa kikolebwenga bwe kiti ekkunjaaniro lisobole okubeera nga lifuna okuweerezebwa okuva eri ekirabo kimu mu kiseera ekimu, kubanga ekyo kitukomyawo butereevo ku ekyo kye ngezaako okwogera nti: bwe waba nga waliwo ayogera, leka omwoyo wa bannabbi afugibwe nnabbi. Mukitegeera? Kati, leka abo abalina obuweereza eri Omubiri gwa Kristo . . . Era kaakano

kyogerwa, era leka kikolebwe. Abo abalina obuweereza eri Omubiri gwa Kristo leka balindirire ku lw'obuweereza bwabwe, kubanga obuweereza obwo buweereza okuva eri Kristo eri ekkanisa. Naye mwenna temusobola kuweereza mu kiseera kye kimu, walina kubaawo omu nga y'aeweereza mu kiseera ekimu.

<sup>35</sup> Ekkunjjaaniro lya Branham lirina kuba bwe liti. Leka abo aboogera mu nnimi, n'abo abavvuunula ennimi, n'abo abalina obunnabbi obw'okuwa ekkanisa, basooke basisinkane bokka nga bukyali...nga olukunjjaana terunnatandika, bakuunjjaane wamu mu kisenge ekibaawuuliddwa, balindirire ku buweereza bwa Mukama waffe.

<sup>36</sup> Nga n'omusumba bw'alina okukola nga tannajja mu kibiina; atekwa okukwata Bayibuli, n'agisoma nga bwe yekkaanya mu mbeera ey'akasirise mu kasenge ke, mu Mwoyo, afukibweko amafuta okusobola okuvaayo okujja mu maaso g'ekibiina okubuulira. Bw'atakikola, aba ajja kutabulwatabulwa bw'anajja mu maaso g'ekibiina. (Leka buli musajja na buli mukazi alina ekirabo eky'omwoyo aje mu maaso ga Mukama.) Era nga bwe kiri nti omusumba alina obuweereza bumu, abeera nnabbi; ekigambo ky'Olungereza, *omubuulizi*, kitegeeza, "nnabbi," oyo alangirira Ekigambo.

<sup>37</sup> Leka abo abalina obuweereza obulina okuba ekitundu ku muntu omulala, okugeza nga omu ayogera mu nnimi ate omulala n'avvuunula, balindirire *wamu* ku lw'obuweereza bwabwe. Omu tasobola kweyawula n'abeera yekka mu kyama n'ayogera mu nnimi oluvannyuma n'avaayo n'ajja abuulira oli omulala bye yayogedde, kubanga awo byombi okwogera mu nnimi wamu n'okuzivuunula aba alina okuba nga abirina. Mukiraba? Kati, bw'asangibwa nga byombi abirina, ekyo kirungi, twagala tukifune bwe kityo nga bwe kiri. Era twagala ekkanisa eganyulwe mu birabo bino ebiri mu kkanisa yaffe. Katonda yabituweereza, era biri...twagala ekkanisa yaffe eganyulwe mu birabo bino eby'omwoyo. N'olwekyo leka oyo ayogera mu nnimi, n'oyo avvuunula, n'oyo awa obunnabbi, leka bona basisinkane wamu nga e—ab'ekkanisa yonna awamu tebannasisinkana. Leka babeeko ekisenge mwe basisinkana bokka, balindirire ku buweereza bwa Mukama waffe eri ekkanisa. Kitegeerekese?

<sup>38</sup> Era ekyo bwe kikolebwa, bwe kit, singa Ow'oluganda Neville, ka tugeze, naye, kati, munsonyiweko, leka njambe bwe nti: Singa Ow'oluganda Collins ayogera mu nnimi Ow'oluganda Hickerson n'avvuunula, kitegeeza ababiri abo bombi balina obuweereza *obw'awamu* eri ekkanisa. Kati, obwo tebubeera buweereza bwa Waaluganda Neville; obwo bubeera buweereza *bwammwe* eri ekkanisa. Kino nkiwa nga kyakulabirako. Kitegeeza mmwe ab'oluganda mulina okufaayo ennyo okulaba nga obuweereza bwammwe bukola mu kifo kyabwo mu nnyumba ya Katonda nga n'omusumba bw'afaayo ennyo okuteeka obubwe mu kifo kyabwo, kubanga

n'obuwereza bwammwe nabwo bwetaagisa mubukole mu ngeri y'emu nga obubwe. Naye tosobola kukikola wekka mu kyama mu kisenge kyo, bwe mubeera nga *ggwe* azoogera ate *ggwe* n'ozivvuunula, mulina okusisinkana awamu. Kati, mujje wamu mu kkanisa, mwewaywule mubeeko ekisenge mwe mubeera mwekkka, kubanga obuwereza bwe mulina buweereza bwa kyama. Si buweereza bwa mu lujjudde, wabula buweereza obw'okuyamba ekkanisa. Mukiraba? Kintu ekirina okuyamba ekkanisa, naye tekirina kukolebwa mu lukunjaana lwa kibiina kya bakiriza kyonna awamu, naye kirina kukolebwa mu ngeri eno yokka nga bwe *ηnjenda* okubalambika. Mukiraba? Kati, byonna Ow'oluganda Collins by'ayogera, n'Ow'oluganda Hickerson n'awa okuvvuunulwa kwabyo, be nkозезеza nga eky'okulabirako, kati awo leka Ow'oluganda *Gundi* akiwandiike, kyonna kye kiri. Kati bwe kiba kikwata ku kujja...

<sup>39</sup> Kati, fenna tukimanyi bulungi nti Mukama waffe aija, ekyo fenna tukimanyi bulungi. Kati singa Ow'oluganda Neville aija wano buli kawungeezi okubuulira n'agamba nti, "Laba, Mukama aija! Laba, Mukama aija!" ekyo tekiriimu kabi konna, mukiraba. Naye ekyo abeera akyogera (nga omusumba) ku kituuti, kubanga alina Ekigambo kw'akyesigamy. Era nga bw'ali musumba, nnabbi eri ekkanisa...oba omusumba, manyanga, obuvunaanyizibwa bwe kwe kusoma Ekigambo kya Mukama waffe ababuulire ebiwandiikkidwa mu Kigambo kya Mukama waffe ebikwata ku kujja kwa Mukama waffe, era ebyo bibalabule. Obuwereza nga oggyeeko obwo (eri ekkanisa) bw'atalinaako kakwate konna nabwo, bwe bw'okwogera ennimi, okuvvuunula ennimi (okubeera okuwa obunnabbi), oba obwa nnabbi okwogera, ekyo kibeera kintu ekitaawandiikkidwa mu Kigambo. Ekiwandiikkidwa mu Kigambo, ekyo *yakivunaanyizibwako*; naye ekitawandiikkidwa mu Kigambo, ekyo *mmwe* kye muliwo okumutegeeza. Okugeza, nga kino nti, "Gamba Ow'oluganda Wheeler nti, BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, 'Enkyaa, emmanga mu kirombe kye gy'asima omusenyu, aleme kugendayo, kubanga wajja kubaayo ki loole ekinaagwa kyeyiringule,'" oba ekintu bwe kityo, era nga kirina okukolebwa. Nga okyogedde oli n'akivvuunula, bwe mumala ne mukiteeka ku kituuti nga obuwereza bwammwe buwedde, kati, akawungeezi, olukunjaana l'w'ekkanisa bwe luggulwaawo (okuyimba) ne batandika okuyimba n'ebirala; bwe kiba nga mu kaseera ako obuwereza bwamwe buwedde, kati awo leka bajje n'obunnabbi obuba buweereddwa.

<sup>40</sup> Kati sirowooza nga tulina... Naye bwe muba mubalina, leka obunnabbi buno bubaweebwe. Abantu bano bwe basisinkana awamu, leka abo abalina okutegeera be baba basooka okujja. Kubanga, mulaba, omuntu singa ayogera mu nnimi n'awa okuvvuunula kwazo okusinziira ku Byawandiikkibwa,

okuvvuunulwa okwo tekusobola kukkirizibwa okuggyako nga kukakasiddwa abantu nga babiri oba basatu, abajulizi abalala babiri oba basatu, mukiraba, balina okuba abajulizi b'obunnabbi obwo, nti babukkiriza okuba Ekigambo kya Mukama. Kubanga... Era oluusi mu buweereza buno obutonotono, nga bwe kiri mu buweereza obulala bwonna, osangamu emyoyo emikyamu; mukiraba, gjija kusensera giyingiremu. Naye ekyo tetukyagala. Nedda. Obuweereza buno twagala bubeere nga bwetegefu okwasanguzibwa bwe buba bwa kwasanguzibwa, kubanga ekintu kyonna ekya Katonda kisobola... teweeraliikirira kukyasanguza, kubanga, kiba kijja—kijja kuyita ekigezo ekyo bwe kiba kya Katonda.

<sup>41</sup> Kiringa omusumba, singa omuntu yenna amusoomooza ku Kigambo, teyetaaga kwetiiririra, ky'ayogerako akimanyi bulungi amugamba bugambi, "Jangu." Mukiraba? Kati kye kimu ne ku buweereza buno obulala, nabwo kirina kuba mu ngeri y'emu.

<sup>42</sup> Kati, singa—singa wabaawo ayogera mu nnimi n'abaako obubaka bw'awa... Kati, abantu abamu boogera mu nnimi nga "beezimba bokka," Bayibuli bw'egamba, nga banyumirwa banyumirwa. Boogera mu nnimi, ne bawulira. Ate boogerera ddala mu nnimi, boogerera ddala ennimi, era abeera Mwoyo nga y'akikola. Naye omuntu oyo alina ekirabo ekyo bw'abeera eyo mu kibiina, n'ayogera mu nnimi, nga yeezimba yekka, awo kiba tekirina bwe kizimba kkanisa; omusajja aba yeezimba yekka, oba omukazi, oba oyo yenna aba akikola. Mukiraba?

<sup>43</sup> Okwogera mu nnimi kirabo kya Katonda okuzimba, nga Pawulo bw'agamba mu Byawandiikibwa, nti kya kuzimba kkanisa. N'olwekyo bye kyogera bulina kuba bubaka obulambulukufu okuva eri Katonda eri ekkanisa, nga si ebyo ebiwandiikkidwa wano mu Bayibuli. Mukiraba? Kintu eki...

<sup>44</sup> Singa ombuuza nti, "Ow'oluganda Branham, nteekwa kubatizibwa ntya?" Nkwanukulirawo mu bwangu ddala. Ekyo teweetaaga kusooka kwogera mu nnimi okukinjamba, eky'okukola weekiri wano wennyini mu Bayibuli kiwandiikkidwa. Okiraba? Sseetaaga ku... teweetaaga kusooka kukibuzaako bibuuzo na kufuna ayogera mu nnimi kukikwanukula. Okiraba, ekkyo weekiri kyawandiikibwa.

<sup>45</sup> Naye singa ombuuza nti, "Ow'oluganda Branham kiki kye nteekwa okukola? Nnina okusalawo kwe nnina okukola ku bibiri nnina okusalawo okusigala mu kkanisa eno oba njende mu kkanisa endala," oba ekintu ekifaananako bwe kityo. Oba, "Nkole *kino* oba *kiri*?" Kati, ekkyo kiba kirina kuva eri Katonda. Mukiraba, ekkyo Katonda y'alina okututegeeza ekky'okukola. Naye kati ekkyo kiba kirina kuyita mu buweereza bulala, kubanga Ekigambo tekirina we kigamba nti, "Kati Orman

Neville ave mu Kkunjaaniro lya Branham agende mu Fort Wayne Gospel Tabernacle.” Mukiraba, ekyo tekirina we kiri wano mu Kigambo, mukiraba, kati awo ebirabo bino we byetaagisiza.

<sup>46</sup> Nga omuntu bw'anajja wano n'atubuuza nti, “Mukkiriza nti Katonda awonya?” Ekyo kye tubuulira, tukikkiriza, tukkiririza mu kusiiga abantu, amafuta.

<sup>47</sup> Naye ate omusajja wuuno agamba nti “Alemeddwa okufuna okuwonyezebwा kwe, buzibu ki?” Kati ekyo kiba kyetaagisa Katonda, okuyita mu nnimi, okuzivvuunula, okuyita mu bunnabbi, oba mu ngeri endala yonna okusima buziba mu bulamu bw'omusajja oyo okuggyayo ekintu ekyo ky'aba yakola, akimutegeeze. Obwo buweereza obutali bwa musumba, bwa birabo bino ebiweereza, naye tebulina kukolera eri mu kibiina. Mukiraba?

<sup>48</sup> Kati, Pawulo talina mulundi n'ogumu lwe yagamba ba—ba kkanisa ya Efeso kintu kyonna kikwata ku nsonga ya birabo, baali bagoberera enkola ennunyjamu, ab'ekkanisa y'e Rooma, ka gabeere makanisa gali amalala; yabigamba kkanisa y'Abakkolinso yokka, era baali tebasobola ku...Kati, Pawulo yali akkiririza mu kwogera mu nnimi. Mu kkanisa y'e Efeso yalinayo abaali boogera mu nnimi, era nga bwe yabalina mu kkanisa y'Abakkolinso, mukiraba, naye Abaefeso yasobola okwogera nabo ebintu ebikulu okusinga ku kwogera obwogezi mu nnimi, n'okuvvuunula ennim.

<sup>49</sup> Kati, bwe tuddayo ku kiri omuntu bw'awandiika obubaka obuba buweereddwa mu nnimi oba obuba mu bunnabbi, ne buteekewa ku kituuti, buteekwa kusomebwा musumba nga olukunjaana terunnatandika, obwa “BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA” okuva eri abantu bano abaayogedde n'abavvuunudde. Era bwe butuukirira ddala nga okuvvuunula bwe kwagambye, nga tuyimusa emikono gyaffe nga twebaza Katonda olw'Omwoyo We ali mu makkati gaffe. Bwe butatuukirira, togeza okuddamu okwetaba mu buweereza obwo okutuusa nga omwoyo ogwo omubi gukuvuddemu. Katonda talimba, bulijo Abeera mazima.

<sup>50</sup> Kati ndowooza, mukiraba, kaakano muli bakulu ekimala okweyisa nga abasajja, so si nga abaana nga mujoboja (“goo, goo, goo”), bye mwogera birina okuba n'amakulu.

<sup>51</sup> Kaakano leka ekkanisa, nga bw'eyingira mu nkola ennunyjamu gy'erina okugoberera, etuuke mu nkola *eno*. Singa omuntu awa obunnabbi...Singa wajja omuntu mu makkati gammwe, atali wa mwoyo, ne mwogera mu nnimi, eri omuntu oyo mujja kuba mujobojabujoboja, tajja kutegeera bye mwogera. Mukiraba? Ate eky'amazima mu biro nga bino ennim we zireesewo okutabulwatabulwa okungi, kireetawo okwesittala. Naye leka omu ayogere mu nnimi, omulala avvuunule ebyogeddwা awe obubaka obubirimu, era leka

obubaka obwo busomebwe wano wennyini ku kituuti, obw'ekyo ekigenda okubaawo, era leka kibewo, mulabe ekinaddirira. Bagambe, nti, "Enkya ku ssaawa *bwe ziti*," oba "wiiki ejja mu budde *bwe buti*, wajja kubaawo ekintu *bwe kiti*," era leka oyo atakkiriza atudde mu makkati gammwe akiwlulire era akirabe nti kiraguddwa nga tekinnabaawo. Ajja kutegeera mwoyo nnaba ki akolera mu makkati gammwe, ajja kuba Mwoyo wa Katonda. Ekyo Pawulo kye yagamba nti, "Naye singa oli awa obunnabbi n'abikkula ebintu eby'omu nkiso, ekibiina kyonna tekiigwe wansi, manya, oyo atakkiriza, n'agamba nti, 'Katonda ali mu makkati gammwe?'" Mukiraba? Kubanga tekisoboka....

<sup>52</sup> Naye kati tetwagala... "Bwe twali tukyali baana bato," Pawulo yagamba nti, "neeyisanga ng'omuto," nga agamba Abakkolinso, "Nnayogeranga ng'omuto." Endowooza ye yali ya kito. "Naye bwe nnakula, eby'ekito ne mbireka."

<sup>53</sup> Kati, kino kigenda eri mwenna, mukiraba. Kati, emyaka mitono egiyise, mwali baana bato we mwafunira ebirabo bino, nga mubizannyisa mudda eno n'eri. Naye kati mumaze ebbanga ddene nga muli mu ssomero, kye kiseera mweyise nga abasajja, mulekere awo okukoza ebirabo bino nga eby'okuzannyisa. Ebirabo bino, bitukuvu, bya Katonda, n'olwekyo mulekere awo okubizannyisa. Ka tuwe Katonda omwagaanya abikozese. Ekyo obuwereza bwammwe kye bwagala okubeera. Eyo y'engeri y'okuteekamu Ekkunjjaaniro ly a Branham mu buweereza okubeera nga likola. Era—era kino bwe walibaawo ekiseera kyonna, lwe kiritankanibwa, olutambi luno leka lubeerewo nga omujulizi nti eyo y'engeri gye kirina okukolebwamu mu Kkuunjjaaniro ly Branham.

<sup>54</sup> Singa wabaawo omugenyi yenna ajja mu makkati gammwe, kubanga mujja kuba nabo ekiseera kyonna, kubanga nga bwe kiri nti lino kkunjjaaniro eritasosola mu nzikiriza, wabaawo abantu abajja mu makkati gammwe abatalina kuyigirizibwa kuno okulungi, tebakulina, eky'okukola tebakimanyi. K'abeere musumba waabwe yennyini, bajja kubuuka baveeyo bataataaganye obubaka bwe, bataataaganye akaseera ak'okuyita abantu okuja ku woolutaali, boogere mu nnimi n'ebirala nga ebyo. Naye mmwe muli bantu abayigiriziddwa obulungi okusinga awo. Mukiraba? Kati olukunjjaana nga luwedde, omuntu bw'atyo bw'alema okwefuga, bувunaanyizibwa bwa mudiikoni okugenda gy'ali. Temuleka musumba wammwe kukikola okuggyako bwe kibaawo mu mbeera nga tewaliwo mudiikoni, naye ekyo omudiikoni y'akivunaanyizibwako. Mukiraba?

<sup>55</sup> Kati, olukunjjaana bwe luggwa... Omuntu bw'atyo singa amala gasituka n'awa obubaka, omusumba, bw'ayagala okusooka ayimirizeemukko oluvannyuma yeeyongere mu maaso, ekyo kirungi, mukiraba, ekyo kiri eri musumba. Naye amangoo ddala leka omudiikoni, nga omuntu oyo tannafuluma

kizimbe, amukwate amuzze ku bbali ayogere naye ku nsonga eyo.

Bw'atakikkiriza, mumuggyireyo olutambi luno mumugambe nti, "Kino bisopu, manya, omulabirizi w'ekkanisa . . ." (Nga ye *bisopu*, o . . . omulabirizi yenna, olaba, bw'atyo bw'ayitibwa mu Bayibuli, "woifii y'omulabirizi," mukiraba, n'olwekyo oyo ye ssaabalabirizi w'ekkanisa). "leka . . . zino z'enkola ze tugoberera era ekkanisa yaffe ensonga eyo egikwata bw'eti. Kati, weewaawo twagalal ojje owe obubaka bwo. Naye bw'oba olina obubaka okuva eri Mukama nga buli . . . leka buweebwe, jangu obuteeke wano eno ku kituuti, omuweereza waffe aija kubusomera ekibiina, obubaka eri ekibiina kino."

Naye tebulina kuba kuddinjana buddinjanyi Byawandiikibwa, na bintu bya ngeri eyo. Buteekwa kuba bubaka obulambulukufu eri abantu, obwogera ku kintu ekinaatera okubaawo, oba ekintu kye balina okukola. Kitegeerekese? Kale.

**222. Kati, waliwo engeri esinga obulungi ey'okukuumamu enkola ennuñjamu erina okugobererwa mu kkanisa esinga ku kujjukizanga abantu n'o—obubaka obw'omuddirijñjanwa okuva mu badiikoni okusinziira nga bwe kiba kyetaagisizza?**

Nedda, ekyo, nnaakamala okukinnyonnyola. Ekyo ky'ekibuuzo nnamba ssatu.

<sup>56</sup> Abadiikoni, omulimu gwammwe kwe kukuuma enkola ennuñjamu n'obutabenkevu mu kkanisa, mu kisa n'omukwano. Kati n'ekirala mulina oku, mu kkanisa singa wabaawo amenya enkola ennuñjamu egobererwa, oba ne wajja omuntu nga omutamiivu, oba omuntu yenna n'ayingira.

<sup>57</sup> Nga ekyabaawo akawungeezi ka luli bwe baakuba omuweereza amasasi nga ali ku kituuti. Amawulire ago mwagawulira, omutamiivu oyo bwe yayingira n'emmundu ey'emidumu ebiri. N'aleekaana nga anoonya mukyala we, nga—nga ayagala mukyala we, n'ayambuka n'alumba omusumba gye yali. Omusumba n'amulaga mukyala we we yali atudde, naye ate omutamiivu n'ayagala okukuba mukyala we amasasi awo wennyini mu kkanisa, naye omusumba n'atanula okumwenjanga. Era mu kifo kya—mu kifo kya . . . O—omusaja eyalina emmundu n'akyuka n'akuba omusumba amasasi ku kituuti gye yali, bwe yamala n'akuba ne mukyala we, naye ne yeekuba.

<sup>58</sup> Kati, singa waaliwo abadiikoni abawera omusaja oyo we yayingirira mu mulyango ogwo n'emmundu eyo, bandimuvumbagidde, ne bamuggyako emmundu eyo. Mukiraba? Mulaba, abo—be badiikono abagoberera enkola ennuñjamu. Ate kati, ebintu bino bwe bigenda mu maaso nga bwe biri, mulina okusuubira ekintu eky'engeri yonna. Naye, mujjukire

nti, abadiikoni basirikale ba Katonda mu nnyumba ya Katonda, si nsonga kiki omuntu omulala yenna ky'allowooza. Olumu omusirikale ayinza obutayagala kugenda kukwata muntu, ob'olyawo nga omuntu oyo y'omo ku mikwano gye, naye yakola ekirayiro eri woofiisi eyo, mu buli ngeri ateeekwa okukikola. Ogwo gwe mulimu gwe eri ekibuga kye. Mukiraba?

<sup>59</sup> Ogwo gwe mulimu gw'omudiikoni eri ekkanisa. Era singa omuntu asituka n'atandika okutaataaganya omusumba, oba ekintu eky'engeri eyo, nga omusumba abuulira obubaka bwe, abadiikoni balina okugenda eri omuntu oyo, abadiikoni nga babiri oba basatu, ne bamugamba nti, "Tusobola okwogerako naawe, ow'oluganda?" Mukiraba? Ne bamujja mu kkanisa, ne babaako wofiisi mwe bamutwala, munda *wano* oba wofiisi endala yonna, ne boogera naye ku ekyo ky'aba akoze, ne bamugamba nti, "Tolina kutaataaganya." Omanyi, mu-musango gwa maanyi nnyo mu mateeka okutaataaganya olukunyaaana mu ngeri yonna. Mukiraba? Naye abantu abamu, okugeza nga abamenyi b'amateeka oba abantu bwe batyo, asobola okujja mu makkati gammwe, nga bwe mumanyi, ne-ne munnaddiini omuzoole, ne-n'atandika okumala geejeeguula, olwo abadiikoni... Era—era bwe kirabika nga abadiikoni abalemeddwa okukkakkanya omuntu bw'atyo, awo akakiiko k'abayima oba omuntu omulala yenna mu kkanisa asobola okubeegattako okubayamba ku muntu bw'atyo. Ekyo mukimanyi.

<sup>60</sup> Kale—kale kati leka nziremu mbuuze ekibuuzo kino ekibuuziddwa.

**Waliwo engeri esinga obulungi ey'okukuumamu enkola ennuññamu erina okugobererwa mu kkanisa esinga ku kujjukizanga abantu okuyita mu bubaka obw'omuddirinññanwa okuva mu badiikoni, kaakano, ne mu kiseera we kiba kyetaagisizza?**

<sup>61</sup> Kati, ndowooza nti o—omusumba, olumu n'olumu... Manya muteekengako olutambi luno muluwulirize, leka lubeere omujulirwa. Abadiikoni basirikale, era ekigambo kyabwe liba tteeeka era kiba kiragiyo. Mukiraba? Era balina obuyinza okuva eri ekkanisa n'okuva mu mateeka g'eggwanga okufuula ennyumba ya Katonda eyo ekifo ekituufu. Era omuntu yenna ajeemera omudiikoni mu ngeri eyo, aba alina o—okusibwa wakati w'emyaka ebiri n'ekkumi mu kkomera. Bw'obagamba okugenda ne batakikola, oba ekintu bwe kityo, omuntu atagondera biragiyo bimuwueebwa, aba tamanyi bumanya ky'akola oku... Aba yeeteeka, oba nga yessa mu katyabaga ak'okuweebwa ekibonerezo eky'engeri yonna, oba ekintu ekirala kyonna.

<sup>62</sup> Era bwe kibaawo omuntu... Kati, okugeza... Kati singa omuntu asituka n'atandika okuleeta akavuyo... Oba oli awo

n'ayogera mu nnimi oba ekintu bwe kityo, oyo nnyinza obutagenda gy'ali. Mukiraba, muleka n'agenda mu maaso, kubanga mugenyi. Bwe babeera bantu baffe nga be bakikola, awo leka, akawungeezi akaddako, mmwe abadiikoni muggyeyo olutambi luno, mugambe nti, "Kati, nga tetunnatandika lukunyjaana tugenda kusooka kuteekako olutambi olulambika enkola ennupjamu erina okugobererwa mu kkanisa, njagala buli omu agitegeere." Nammwe abasumba nammwe mwenna musobola okukolaganira awamu bwe mutyo.

**223. Kati, Ow'oluganda Branham, ate ku Ssande sukuulu? Ow'oluganda Branham, ate Ssande sukuulu (kale), erina kubaawo nga olukunyjaana olw'okubuulira terunnatandika?**

<sup>63</sup> Weewaa wo, bwe tutyo bwe tubaddenga tukikola. Tusooka ne tubeera ne Ssande sukuulu nga olukunyjaana olw'okubuulira terunnatandika. Era ekyo kiwa akakisa abaana abato ababeera mu Ssande sukuulu, okusiibulwa nga bamalirizza ebibiina byabwe. Era bwe—era bwe baba baagala...naye abaana abato bambi tebakitegeera, kale bwe basooka ne batuula okumala ebbanga eryo lyonna nga okubuulira bwe kugenda mu maaso, oluvannyuma ne bagenda okubeera ne Ssande sukuulu, abato abo bambi babeera bakooye. Ssande sukuulu y'eba esooka, mubeere n'obudde obulambikiddwa, nti mu budde bwe buti Ssande sukuulu eba etandika. Ekyo akulira Ssande sukuulu y'akivunaanyizibwako, nti Ssande sukuulu eno etandike budde bwe buti, obudde obulambikiddwa. Era esiibulwa budde bwe buti. Ssande sukuulu yonna, baweebwe obudde obulambikiddwa, oluvannyuma basiibulwe.

**224. Omusomesa w'ekibiina ky'abaana abakulu alina kuba muntu mulala atali musumba?**

<sup>64</sup> Bwe kiba nga bwe kityo bwe kyakkiriziganyizibwako. Omusumba bw'ayagala asooke ayigirize Ssande sukuulu oluvannyuma abuulire obubaka, tekiriimu buzibu n'akatono bw'aba ayagadde okuweereza enkuunyjaana zombi. Naye bw'aba tayagala, mubeere n'omusomesa wammwe owa Ssande sukuulu ow'abaana abakulu, mukiraba, eri ekibiina ky'abaana abakulu. Era omusumba bw'a—bw'aba alina omuntu omulala mu birowoozo bye, nga n'omuntu oyo ayagala okukikola, kkozes aeddakiika asatu, oba obudde bwonna bwe munaawa Ssande sukuulu yammwe bw'erina okumala, oba ddakiika asatu oba asatu mu ttaano, oba ana, kyonna kye kiri.

<sup>65</sup> Era walina okubaawo n'akade. Era akade ako bwe kavuga, kiba kitegeeza...oba si ekyo mukozese ekide ky'ekkanisa, bwe kikubibwa ebweru, kiba kisiibula Ssande sukuulu. Era ekide ekyo bwe kivuga, kitegeeza buli kimu kyonna kirina okudda mu nteeko mu kaseera ako kennyini.

<sup>66</sup> Walina okubaawo obudde obugereddwa okuyimbayo oluyimba nga lumu oba bbiri, oba zonna ze muba mwagala okuyimba. Si kutwala budde bungi nnyo, ojja kukooya abantu bw'onaabalwisaawo ennyo ekisusse, mukiraba. Kale mukube ekide, muyimbeyo oluyimba na kyonna kye muba mugenda okukola, oluvannyuma mubasindike mu bibiina gye balina okusomera. Era obudde obwo oluba okutuuka buti, ka tugeze zirina ku—kuba ssaawa nnya, oba nnya kitundu, oba nnya n'eddakiika kkumi na ttaano, kyonna kye kiri, mukube ekide ekyo buli musomesa asibule ekibiina kye, muveeyo mujje wano mu kibiina. Awo... Muweeyo ne alipoota, alipoota ya Ssande sukuulu, bwe mumala bona mubasiibule, olwo abo bona abaagala okusigalawo mu lukunjaana olw'okubuulira be baba baddako. Mukiraba, awo kiba kikoleddwa mu nkola ennurjhamu.

Olina ekibuuzo? **Bame-...[Waliwo ow'olugannda agamba nti, “Olwo kitegeeza nti, ebibiina tuba tulina okubyawulamu?”—Omuk.]**

<sup>67</sup> O, weewaawo, mulina okubyawulamu. O—omwana ow'emyaka esatu tayinza kutegeera wa myaka kkumi n'ena by'ategeera. Ekibuuzo ekyo ndabika nkirina wano.

## 225. Ebibiina birina kuba bimeka?

<sup>68</sup> Ebibiina byammwe mulina okubyawulamu okusinziira ku... Okugeza waliwo ekibiina ky'abaana abato ennyo abeetaaga okuyigirizibwa nga okozesa olubaawo kw'osiba ebifaananyi ebinnyonnyola ky'oyigirizaako, kati ekyo kiba kya kito nnyo eri omulenzi oba omuwala ow'emyaka ekkumi n'ena. Mukiraba? Mulina okufuna omuntu asobola okusomesa ekibiina ky'abaana abo abato ennyo, nga maama omukulu mu myaka oba omuntu amanyi okubalabirira. Ebibiina ebirala, nzikiriza, alina kuba muntu asabolera ddala okusimba Ekgambo. Mukiraba? Kale walina okubaawo ebibiina. Ka tugeze, wayinza okubaawo ebibiina nga... Waakiri ebibiina nga bisatu.

<sup>69</sup> Walina okubaawo ekibiina eky'abato ennyo, walina okubaawo okuva ku myaka nga etaano. Era abalalabonna abatagiweza balina okusigala nga bakuumibwa bannyaabwe, babatwale mu kasenge akakuumirwamu abaana abato ennyo bwe kiba kyetaagisa mu kiseera nga o—okubuulira kugenda mu maaso, bwe batandika okwtala n'okutaataaganya. Eyo y'ensonga lwaki waliwo akasenge ako ak'abaana abato ennyo.

<sup>70</sup> Kale nzikiriza nti e—ebibiina bisaanye okusengekebwa okutandikira ku baana abato ab'emyaka nga etaano oba mukaaga, okutuuka ku myaka nga munaana oba mwenda, kkumi, awo bwe watyo. Ate okuva ku myaka kkumi okutuuka ku kkumi n'etaano abo balina kubeera mu—mu kibiina ky'abavubuka. Ate ab'ekibiina ky'abakulu abasussa emyaka kkumi n'etaano, kubanga abo ba... bwe baba bakulu nga

basobola n'oku—oku...ennaku zino basobola n'okufuna omulimu babeera baagala na kukuba kalulu ku myaka egyo, kyenkana; n'olwekyo abo ba—babeera basobola okuwulira Ekigambo, naye baveeyo bajje awabeera okusaba okw'awamu basobole okukiwlira.

## **226. B'ani abasaanye okuba abasomesa?**

<sup>71</sup> Ekyo kiri gye muli, obwo buvunaanyizibwa bwammwe okwerondera abasomesa bammwe. Era ekyo muteekwa okukikola, mubateekeyo, mubeeko omuntu gwe mufuna. Musisinkane ekkanisa, mubuuze nti, "Ani...Ani wano awulira nga alunjjamizibwa Mukama?" Ate mufune omusomesa alina ebisaanyizo. Era leka kikolebwe. Guteekwa kuba mulimu ddala gwennyini, ab'oluganda. Omusomesa bw'atatuukiriza bisaanyizo byagwo, mukyuse abasomesa.

<sup>72</sup> Singa ekiseera kirituuka, nga nnunyjamiziddwa Katonda, ne mpulira nti Orman Neville takyasaana kubeera musumba wano, nja kukyanjula eri ekkanisa. Bwe ndibaako ekintu kyonna kye ndaba wano, ne ndowooza nti badiikoni mmwe temukyasaana kuba badiikoni, nja kukitegeeza ekkanisa, mbagambe nti, "Nakizudde nga wano waliwo omudiikoni akola by'atasanaa kukola era nga tatuukiriza buvunaanyizibwa bwe," n'ebiringa ebyo, oba omuyima oba ani yenna. Siyinza kumuteeka mu kifo ekyo oba kumuggyamu, ekyo ekkanisa y'erina okukikola, naye amazima mba nja kukyanjula eri ekkanisa. Mukiraba, kubanga ekyo ky'erina okukola. Ekyo kye nnina okuba, nga omulabirizi, buvunaanyizibwa bwange okwetegereza ndabe ekigenda mu maaso. Tugenda mu Ggulu, tetuli wano kubaako ludda wano we twekuunjaanyiza oba okubaako ekintu ekimu eky'amasanyu mwe tugenda tubinuke, tuzannyne ensero. Tuli wano nga tulina ekintu ekisingayo okuba eky'omuwendo ku nsi, Ekigambo kya Katonda, era kirina okukwatibwa mu nkola ey'okutya Katonda.

## **B'ani abasaanye okuba abasomesa?**

<sup>73</sup> Obwo buvunaanyizibwa bwammwe okubalonda. Naye singa abadde nze nnandironze, omukazi omukulu mu myaka, okuba nga y'avunaanyizibwa ku baana abato, oyo asobola okukikola. Naye ku bavubuka, nnandironze omusomesa omukakali, si oyo abeera mu kutegeka obubaga bw'okwokya omuchomo. Ekyo tekiriimu kabi konna bwe baba baagala kugenda kwokya muchomo, naye obuzibu essira kwe kuliteeka ku ekyo... Essira muliteeke ku Kigambo, mufune omuntu asobola okuyigiriza Ekigambo. Era kigenda kuba, eno ekkanisa teri wano ku... Okwokya omuchomo tekuliimu kabi konna, ne—n'obubaga bwe muyinza okwagala okuba nabwo okutabagana n'okussa ekimu, ebyo birungi, ebyo—ebyo bye mulina okukola okusobola okusanyusa abaana. Naye *wano* mu kifo kino, kino kye Kigambo kya Katonda. Eby'okwokya omuchomo bibaawo nga mugenze okubeerako mwenna, oba ekintu bwe kityo, naye si wano mu

nnyumba ya Katonda. Na bino, weewaawo tukimanyi bulungi nti wano tetukkiririza mu busirusuru buno bwa—bwa—bwa kutegeka bubagabaga na bintu bya ngeri eyo mu kifo kino, te—te...ekyo mukimanyi bulungi.

## **227. Ani avunaanyizibwa ku Ssande sukuulu okugikuumira mu nkola ennuŋŋamu?**

<sup>74</sup> Akulira Ssande sukuulu. Era obwo bwe buvunaanyizibwa bwe. Talina kuba na kakwate konna na badiikoni, oba abayima, oba abasumba, oba omuntu omulala yenna, alina wofisi eyiye. Oba ani musomessa wammwe owa Ssande sukuulu, simanyi. Naye omusomessa wa Ssande sukuulu oyo ateeqwaa okukakasa nti buli kibiina kiri mu kifo kyakyo, era nti buli musomessa waali, oba okuteekawo omusomessa omulala mu kifo ky'omusomessa oyo bw'aba taliiwo ku olwo.

<sup>75</sup> Awo nga Ssande...Nga—nga okuyigiriza okw'ebibiina eby'enjawulo bwe kugenda mu maaso, akulira Ssande sukuulu alina okujja n'akunŋaanya ebiweebwaayo bye babeera bawaddeyo mu bibiina ebyo (ebiweebwaayo byabwe ebya Ssande sukuulu), ne alipoota ey'abaana ababaddewo, n'omuwendo gwa Bayibuli ze babadde nazo mu kibiina kino, n'ebirala, n'akola alipoota yaabyo. N'ajja n'ayimirira mu maaso g'ekibiina nga okubuulira tekunnatatandika, bw'aba aweeneyedwa akaagaanya okukikola, bwe baba ne alipoota ya Ssande sukuulu nga Ssande sukuulu ewedde, n'ategeeza ekibiina omuwendo gw'abasomesa be babadde nabo, omuwendo gw'abaana ababaddewo, omugatte gw'abaana bona ababaddewo mu Ssande sukuulu, omugatte—omugatte gw'ebiweebwaayo bye bawaddeyo, n'ebirala bwe bityo. Abadiikoni, abayima, n'abasumba, obwo si buvunaanyizibwa bwabwe. Tebabirinaamu mukono yadde, ogwo mulimu gw'akulira Ssande sukuulu.

<sup>76</sup> Era bw'akiraba nti waliwo ebintu Ssande sukuulu bye yeetaaga, buvunaanyizibwa bwe okubyanjula eri—eri akakiiko k'abayima, olwo abayima ne basooka basisinkana, okubikkaanyaako. Oluvannyuma, abayima bwe bakizuula nti waliwo ssente ezimala n'ebirala, okuyita mu muwanika, awo ebintu ebyo biba bisobola okugulibwa; bw'abaako ne ky'ayagala ka tugeze nga ekitabo, oba kyonna kye kiri, oba Bayibuli oba ekirala kyonna, oba nga baagala kubaako gwe bagulira Bayibuli, nga bwe mumanyi, asobola okuzuula ebigambo ebisinga obungi n'okunokola obulungi Ebyawandiikibwa ebisinga obungi, oba ekirabo oba ekintu kye bagenda okugaba, nga ekirabo, nga baagala kukigula kuyita mu kkanisa. Kati ekyo leka kitegeezebwe a—a—a—abadiikoni...era leka bakebere balabe oba—oba—oba nga ssente ezo gyeziri mu ggwanika. Mukiraba?

<sup>77</sup> Era ndowooza ekyo kyanukula ebibuuzo ebyo ebitaano ebikwata ku nsongna eyo.

Kati njenze ku kibuuzo ekiddako, kigamba nti:

- 228. Ow'oluganda Branham, ku nsong'a y'encola ennuujjamu egobererwa mu kkanisa, tugezezaako okukola okusinziira ku ngeri gye tutegeeramu enkola ez'okugoberera ezaatuweebwa bwe twali tuwongayo ekkanisa empya.** Naye mu kukola bwe tutyo, waliwo abeesulamu akambayaaya ne bava mu kkanisa. Ate abalala bo baagaanira ddala okuwuliriza bye tubagamba, naddala abaana. Twogeddeko n'abazadde ku nsong'a y'abaana baabwe, naye bagaanye okubakomako. Kati, twakitegeera bubi? Oba, engeri gye tukikuttemu y'etali ntuufu? Weebale nnyo.

Kati bino leka mbyanukule nga bwe biddirinjana.

**Ku nsong'a y'encola ennuujjamu egobererwa mu kkanisa, tugezezaako okukola nga bwe twategeera enkola ezaatuweebwa bwe twali tuwongayo ekkanisa empya.**

- <sup>78</sup> Kati, ekyo kituufu, kye mukola kituufu. Kati, bano nzikiriza, bateekwa okuba badiikoni be babuuza, kubanga guno wano, mulimu gwa badiikoni. Kale.

**Naye mu kukola bwe tutyo, ate oluusi...oluusi abantu batutabukidde.**

- <sup>79</sup> Nange, babinkola! N'omuntu omulala yenna bajja kubimukola. Mukiraba? Omuntu akola ekyo, omuntu oyo abaako ekikyamu. Aba tateredde na Katonda, kubanga Omwoyo wa Kristo agondera enjigiriza ya Kristo, n'ennyumba ya Kristo, n'entegeka ya Kristo. Mukiraba? N'olwekyo omusajja yenna... oba omukazi yenna, oba omuntu yenna, oba omwana omuto, asunguwalira omudiikoni atya Katonda amugamba okuba... ne, oba omuzadde yenna asunguwalira omudiikoni... Amazima gali nti, twaniriza buli muntu yenna gwe tusobola okufuna okujja okubeera ekitundu ku kkanisa eno; naye okubeerawo kw'omuntu oyo bwe kuba kwa kuleeta mitawaana, wabaawo eriggwa manyanga "omuntu oyo aba mu kifo kikyamu," nga bwe twakiytanga. Omuntu oyo aba tateredde.

- <sup>80</sup> Kale bw'agenda, eky'okukola kiba kimu kyokka: mumuleke agende, mumusabire. Mukiraba? Oluvannyuma ob'olyawo abamu ku badiikoni bagende mu kkani...many, bagendeko ewuwe, bazuule lwaki yagenda, bamubuuze kikyamu ki ekyabaawo. Awo, bwe baba...Balabe oba nga basobola okumutabaganya n'akomawo. Bwe balemwa, batwaleyo abajulizi nga babiri oba basatu, asobole okubategeera. Naye bw'agaana okubategeera, olwo ensonga eyo etegeeezbwe ekkanisa bw'aba nga omuntu oyo mmemba wa kkanisa eno wano. Awo ba...

- <sup>81</sup> Naye kati bw'aba si mmemba wa kkanisa, kitegeeza si mmemba wa kibiina kino, oyo asaanye *okukakibwa* okufugibwa. Mukiraba, a—ateekwa okuwuliriza enkola zaffe wano ze tugoberera, kubanga zino z'encola z'ekkanisa yaffe

ze tugoberera. Bino bintu bye tutayagala kukola, bintu bye ssaagala kukola, naye ate bintu ebiteekwa okukolebwa. Era wano nneeteeka mu katyabaga: nga mbagamba nga nsinziira ku lutambi luno, nze njogera, bampulira nti nze njogera era bakitegeera nti ye nze, si mmwe bassebo. Mmwe *mumbuuzizza* ebibuuozo bino, era mbibaanukula mu ngeri esingayo gye mmanyi okuva mu Kigambo kya Katonda.

<sup>82</sup> “Kati, abantu abo bwe beekandagga ne babavaamu, Ebyawandiikibwa byogera ki ku nsongea eyo, Ow’oluganda Branham?”

<sup>83</sup> “Baatuvaamu kubanga tebaali baffe.” Era ekyo kimala. “Baava mu kkanisa,” ky’ekyo kye baakola. Kale.

**Abalala bo baagaanira ddala okuwuliriza bye tubagamba, naddala abaana.**

<sup>84</sup> Abaana balina okuba n’empisa, balina kuziyigira waka. Naye ka babeere bange, abaana bange ekiseera kyonna we bajjira wano, ssinga babaako engeri yonna gye bataataagaanyaamu, ssaagala mubattire ku liiso; oba Sarah, Rebekah, Joseph, Billy, oba ani yenna. Muntegeeze butegeeza, nja kulaba ek’okukola. Bwe baba tebasobola kweyisa bulungi, tebajja kujja ku kkanisa okutuusa nga bayize okweyisa obulungi. Kino si kifo kya kuzannyiramu mizannyo, eno nnyumba ya Katonda. Kino si kifo kya kuzannyiramu, na kuvuga bupiira, na kwewandiikira bupapula, na kuseka, na kweyisa mu ngeri etasaana, eno nnyumba ya Katonda; mulina okweyisa mu ngeri ey’okutya Katonda.

<sup>85</sup> Mujja wano kusinza, si na kukyala. Kino si—kino si kifo kya kutegekamu bubaga, kino si kifo kya kukyaliragana; kino kifo Omwoyo Mutukuvu w’ajja n’akyala, ne tuwuliriza ky’Atugamba, so si kuwuliriza bannaffe. Tetujja wano kussa kimu na bannaffe, tujja wano kussa kimu na Kristo. Eno nnyumba ya kusinzizaamu. N’olwekyo abaana bateekwa okukangavvulwa, ate bwe...nga abazadde baabwe be bakikola. Leka kimanyibwe nti abadiikoni bano singa... abazadde b’abaana singa bagaana okuwuliriza abadiikoni bano bye bagamba, awo omuzadde oyo yennyini y’aba yeetaaga okugololwa.

**Twogeddeko n’abazadde ku nsongea y’abaana baabwe, naye bagaanye okubakomako.**

<sup>86</sup> Bwe baba bammemba ba kkanisa eno, osaanye ofuneyo abantu nga babiri oba basatu muyite omuzadde oyo mumusisinkane mwekka, mu emu ku woofiisi zino. Sifaayo oba ani, ka mbeere nze, k’abeere Ow’oluganda Neville, k’abeere Billy Paul ne katabani ke, k’abeere Ow’oluganda Collins n’omu ku baana be, oba omu ku mmwe. Tuli... Weewaawo twagalana, naye tuvunaanyizibwa eri Katonda n’Ekigambo kino. K’abeere Doc, e...k’abeere ani yenna, tulina buli omu okutuukirira munne ate tubeere beesimbu buli omu eri munne. Katonda

anaakolagana atya naffe, nga tetuli beesimbu buli omu eri munne? Tunaaba tutya abeesimbu gy'Ali? Mukiraba?

<sup>87</sup> Kino kiragiyo, tuteekwa okukuuma ennyumba ya Katonda! Era ekyo abadiikoni balina okumanya engeri y'okukikolamu. Mukiraba? Era eyo y'ensonga lwaki mbagamba kaakano, ebintu ebyo mubikuume butiribiri. Era kino bwe kibaawo, ne mukigamba abazadde ne batakiwuliriza, awo mufuneyeo omudiikoni omulala oba omu ku bayima, oba omuntu omulala omulungi mu kkanisa eno, muyite...mufuneyeo omuy-... Mutuule nga akakiiko k'abadiikoni, abadiikoni mwenna mutuule wamu, ka tugeze, "Ow'oluganda Jones, Ow'oluganda Henderson, Ow'oluganda Jackson," oba ani yenna, mulaba, "abaana baabwe beeyisa bubi, tubatuukiridde emirundi nga ebiri oba esatu ku nsongya y'abaana baabwe, naye tebakitutte nga nsongya."

<sup>88</sup> Awo muyite Ow'oluganda Jones, oba Ow'oluganda *Oyo yenna*, mumugambe nti, "Ow'oluganda Jones, tukuyise wano mu lukiiko. Tukwagala, era tu...oli kitundu ku ffe, oli omu ku ffe. Njagala nteekeko olutambi luno tuwulire Ow'oluganda Branham ky'ayogera ku nsongya eyo, olaba. Kati, tukusabye oyigirize abaana abo bwe balina okweyisa obulungi. Okiraba? Bwe baba tebasobola kweyisa bulungi, nga naawe tosobola kubayigiriza kweyisa bulungi mu kkanisa, baako ne gw'obalekera bw'oba ojja mu kkanisa okutuusa lwe banaayiga okweyisa obulungi mu nnyumba ya Katonda." Mukiraba? Naye kino kiragiyo, kirina okuteekebwa mu nkola! Mukiraba?

Kati, ekibuuzo ekyo era kyeyongerayo mu maaso.

### **Kati, twakitegeera bubi?**

<sup>89</sup> Nedda, ssebo. Temwakitegeera bubi, bwe kityo bwe kiri. Era mbiddamu, ebiragiyo. Mu magye, tebakusaba mbu, "Osobola okugenda n'okola ekintu gundi?" Bw'oba mu magye, *kikukakatako* okukikola. Mukiraba? Era bwe kityo bwe kiri ne mu...Kinkakatako okubuulira Enjiri. Enjiri eno kinkakatako okugirwanirira basajja bange abalala n'ab'oluganda n'abalala ne bwe bajoogerera ebyenkana wa, kino kinkakatako okukikola. Nnina okubaako be mpisa obubi abalala ne mbasalaasala obufiififi, naye singa...

<sup>90</sup> Tewandyagadde kubbeera nga Oswald. Okiraba? Bw'oba tosobola kuba na butakkaanya na muntu n'ebirala, n'osigala nga okyasobola okumukwata mu ngalo era n'osigala nga okyawulira mu ngeri y'emu gy'ali, obaako ekikyamu. Bwe mba sisobola butakkaanya na muntu (mu bukaawu, okuva ku ludda olumu okudda ku lulala) naye ne nsigala nga nkyamulowoozaako mu ngeri y'emu nga—nga Kristo bwe yandimulowoozezzaako, omwoyo gwange gubaako ekikyamu, mba sirina Mwoyo wa Kristo. Mukiraba?

<sup>91</sup> Singa aŋŋamba nti, "Naye, Ow'oluganda Branham, nzi-nzikiriza nti enjigiriza yo eri bw'eti, ne bw'eti."

<sup>92</sup> "Kale, ow'oluganda, leka tutuule wamu tugikubaganyeeko ebirowoozo, ggwe nange. Ka tuyogereko fembi. Ka tubeeko erudda wano mu kasenge we twewogoma nze naawe, tugikubaganyeeko ebirowoozo." Nga alyoka ansalaasala obulere, nga nange mmuddiza omuliro. Mu mutima gwange bwe mba sisobola kuwulira mu ngeri y'emu gy'ali, nti, "akyali muganda wange era ngezaako kumuyamba," mba siriyanza kumuyamba, tewali ngeri yonna gye ndiyinza kumuyambamu. Bwe mba simwagala, kigasa ki okugenda okumusisinkana? Nnina okumugamba nti, "Ekisooka, Ow'oluganda, sikwagala, ekyo leka nsooke nkiggye mu mutima gwange nga tetunnayingira munda, kubanga sisobola kukuyamba okutuusa nga nkwegala."

<sup>93</sup> N'olwekyo ekyo bwe kityo bwe kiri, era bwe kirina okuba. Mukiraba, mugende mu maaso nakyo, mukikoledde ddala nga bwe kirina okukolebwa. Temwakitegeera bubi.

### Engeri gye tukikuttemu y'etali ntuuſu?

<sup>94</sup> Nedda, eyo y'engeri entuuſu gwe kirina okukolebwamu. Leka enkola egobererwa ekuumibwe! Kubanga bulijo... Kati, abaana abato ne bamaama, abaana abawere n'abalala bwe batyo, ba—bajja kukaaba, naye bwe bakaaba ekisusse ne bataataaganya omusumba wammwe eri gy'ali, mujukire nti mmwe bakuumi be, mmwe bakuumi be abamukuma mu Njiri. Mukiraba? Kati abaana abo bwe bataataaganya obubaka bwa Mukama, ate nga mmwe badiikoni, olwo muliwo kukola ki? Kiringa, omuntu ayogera mu nnimi, kimukakatako okuzoogera. N'omuntu aba abuulira, naye kimukakatako okubuulira Ekigambo, kumikakatako okukola ebintu bino. Buli omu ku mmwe alina woofiisi gy'avunaanyizibwako, era ekyo—era ekyo kye tuli—tuli wano okukola.

<sup>95</sup> Kati, tetwagala kulwaawo nnyo kisusse, kuba mmanyi mu ddakiika ntono okuva kati mnina gye mnina okuba, kale ijenda—ijenda kugezaako okwanguyaako nga bwe nsobola.

### 229. Ow'oluganda Branham...

Ku kapapula kano kuliko ebibuuuzo bisatu, bibiri.

**Ow'oluganda Branham, nkola ki erina okugobererwa okukunjaanyiza abantu ebiweebwayo mu kkanisa? Kino kirina kukolebwa kitya?**

<sup>96</sup> Ndwooza nti okukunjaanyiza abantu ebiweebwayo mu kkanisa tekirina kukolebwa okuggyako nga kwa musumba wammwe. Era ndwooza nti singa wajja omuntu eyetaaga okuyambibwa, oba ekintu eky'engeri eyo, nti... Oba nga waliwo omuntu ali mu—mu bwetaavu obw'amaanyi, okugeza nga omu ku bammemba baffe wano, ab'ekibiina kyaffe, tugambe singa

wabaawo omu ku baganda baffe, nga alina obuzibu obw'engeri emu; awo, ndowooza nti ekyo kirina okulangibwa ku kituuti, era ekyo leka omusumba y'aba akikola, ekyo nzikiriza mulimu gwe okukikola; waliwo ow'oluganda alina kye yeetaaga, leka akitegeeze ekkanisa, bwe kiba nga bwe kityo bwe kirina okukolebwako.

<sup>97</sup> Bw'aba muntu nga y'ali mu bwetaavu naye nga—nga omuntu oyo ali mu bwetaavu temwagala kumukunjaanyiza kiweebwayo, awo leka abali ku bukiiko basisinkane bakkiriziganye ku mutemwa gwe baagala okuwa omuntu ono okuva mu ggwanika. Naye bwe kisangibwa nga eggwanika teririna ssente zimala mu kiseera ekyo nga tebasobola kukikola kuva mu ggwanika, awo ekiweebwaayo kiba kirina okukunjaanyizibwa, era, leka—leka a... leka abali ku kakiiko bakikkaanyeko, bategeeze omusumba, era leka omusumba asabe ekkanisa ku lw'ensonge eyo eba yeetaagibwa. Agambe nti, "Kati, akawungeezi kano, (Muganda waffe Jones, yatuukiddwaako akabenje akabi ennyo, ennyumba ye yakutte omuliro n'eggwaawo.), era akawungeezi kano, nga Abakristaaayo, tugenda kukwasaganyiza wamu, buli omu yeeyame ky'asobola okuwaayo okuyamba Ow'oluganda Jones azzeewo ennyumba ye." Mukiraba, oba—oba kyonna kye kiri. Mukiraba, tute—...ekyo kye tunaakola. Ekyo leka kirangirirwe kuva ku kituuti, eyo y'engeri y'okukikolamu. Era leka obweyamo bukolebwae, era buweebwe omuwanika w'ekkanisa. Era obweyamo buno ka busasulwe okuyita mu muwanika w'ekkanisa, buweebwe omuntu oyo. Era—era awe omuntu oyo lisiti, kubanga simanyi oba ezo teziggyibwako musolo oba nedda. Ndowooza kikolebwae ku kintu ekifaananako bwe kityo.

<sup>98</sup> Kaakati, naye bwe kituuka ku—ku mugenyi nga y'azze ssinga wajja o—omugenyi nga...ne wajja omusajja, n'agamba nti, "Kale, mumanyi? Mba—mba—mbadde mu lugendo naye omupiira gwange ne gwabika, kati nneetaaga mupiira mupya. Kale nsaba munkunjaanyizeeyo ssente akawungeezi kano nsobole okugula omupiira omupya." Kati, ekyo tekirina kukolebwae. Nedda, ekyo tekirina kukolebwae. Naye bwe kiba—bwe kiba nga kintu ddala eky'ensonge, era nga kiri ku muntu gwe mumanyi, awo ab'akakiiko basobola okutuula ne babaako omutemwa gwa ssente gwe bakkiriziganyaako okuva mu ggwanika okusobola okugulira omusajja oyo omupiira oba kyonna ky'aba yeetaaga. Oba bwe kiba nti eggwanika ly'ekkanisa teririna ssente zimala, akakiiko ne kasalawo nti bino...Bino omusumba talina kubibaamu, a—abadiikoni be balina okubikolako, mukiraba, manya obukiiko. Naye kati bwe...Kino bwe bakikkiriziganyaako, basobola okukikwasa omusumba, era omusumba asobola okukunjaanya ekiweebwayo. Naye, mulabeeyo, omuntu oyo ali mu bwetaavu bw'aba mugenyi, nga ensonge yeetaaga kukolwako mangu, nga

omuntu oyo yeetaagayo ssente entonotono nga muwulira nti ddala ensonga ye erimu eggumba, (kati eno endowooza yange nga omuntu) obwetaavu obwo bwe buba nga ddala bwa nsongaa erimu eggumba nga nammwe mukimanyi nti ddala nsongaa erimu eggumba... .

<sup>99</sup> Kati, ekisooka, singa oyambuka engulu eri n'otunulako mu bitabo byange mu nnyumba, eby'abantu abajja ne bagamba nti, "Nze Levulandi *Gundi* okuva mu kkanisa *gundi*, nfunye o—obuzibu emmanga wano, kale—kale ne—nneetaagayo emipiira gy'emmotoka," nga nkimanyi bulungi nti nnaakava mu lukunjjaana era nnina ekiweebwaayo kye bampadde, oba ekintu bwe kityo, nkimuwa, kyenkana kyonna, agende agule emipiira. Naye njenda okukebera mu biwaandiiko, nga tewabangawo muweereza bw'atyo, nga tabangako mu kifo bwe kityo. Era mu bitabo ebyo mulimu omutwalo nga gumu oba ebiri egya ddoola ze mpaddengayo mu ngeri eyo mu myaka egyo egiyise, nga sirina na kye mbamanyiiko na wa gye bava. Njenda okukizuula, nga n'abaweereza abalala bagamba nti, "Nange, yajja yeeyita *gundi*, nga ava *gindi*."

<sup>100</sup> Kati, ekkanisa tevunaanyizibwa ku balala bonne, okuggyako ku baayo bokka. Ekyo bwe kiri. Evunaanyizibwa ku baayo bokka.

<sup>101</sup> Naye bwe kiba nga ddala waliwo ensonga erimu eggumba, era singa mmwe, nga, mmwe abayima musobola okugamba nti, "Naye, kati mulindeeko. Omusajja ono, *wuuyo*, emmotoka ye yiiri emmanga wali, era kino, ddala kibaddewo, na *kino*. Weewaawo si wa mu kibiina kyaffe, mulaba, naye ddala alina ekyetaago." Kati awo bwe baagala okukikola bwe batyo, babeeko ne kye boogera eky'enjawulo ku muntu ow'ebweru... .

<sup>102</sup> Kati, ono si waffe, mukiraba, si omu ku bantu baffe, eky'abantu baffe kikurunjyaanyizibwa kuva wano wennyini mu bantu baabwe—baabwe, baganda baabwe wano, mukiraba.

<sup>103</sup> Naye bw'aba muntu ow'ebweru, oli n'agamba nti enjala emulumaa oba...ne wabaawo awulira nga yandyagadde okukwata mu nsawo abeekoo ne ky'amuwa, ekyo kiri gy'oli, naye kye njogerako ye muntu ow'omu kkanisa. Era kati abantu b'ekkanisa bwe *basabibwa* okubaako ne kye bawaayo, awo... .

<sup>104</sup> Kati, bwe mukyaza omubuulizi w'enjiri, ekyo weewaawo, n'ajja wano n'abuulira, ne mukunjyaanya...mmwe...ekyo mukitegeera nga tannaba na kujja, mukimanyi, nti mujja kumuwa ekiweebwaayo, oba mujja kumusasula omusaala, oba kyonna ky'aba ayagala okukola.

<sup>105</sup> Naye kati omuntu ono omulala bw'ajja, nga n'ensonga ye ddala erimu eggumba, era omusumba...ab'akakiiko ne bakkiriziganya bakitegeeze omusumba, awo leka omusumba agambe nti, "Tulina wano omuntu bw'ati ne bw'ati mu makkati gaffe, omusajja tetumumanyi, naye azze wano n'atusaba... .

atugambye nti abaana be enjala ebaluma. Tetufunye budde... tetufunye budde kukakasa bya—bya—bya—bya—bya’ayogera.” Mukiraba?

<sup>106</sup> Bwe wabaawo ekintu bwe kityo, awo leka—leka aba... Bwe wabaawo ekintu kyonna mu baffe wano, abadiikoni baffe—baffe baba balina okugenda banooonyereze ku nsonga eyo. Mukiraba? Bwe kizulibwa nga ddala kigwaanye okukolebwako, mukikole. Bwe kiba tekigwaana kolebwako, temukikola, temulina kukikola. Naye kati bw’aba muntu nga ono, o—omusumba leka agambe nti, “Kati, ab’akakiiko k’abayima bañjambye nti omuntu ono tebamumanyi. Naye omusajja wuuno atudde wano, agamba nti erinnya lye ye Jim Jones,” oba kyonna kye kiri, “era wuuno atudde wano. Osobola okuyimirirako, Mw. Jones? Kati, Mw. Jones, olukunjaana bwe lunaggwa, nkusaba oyimirire ku luggi lw’emabega, awafulumirwa. Era bwe wabaawo omuntu yenna akomeddwako mu mutima gwe, oba alina ekintu kyonna kye yandyagadde okukolera omusajja ono, kimuwe nga bw’ofuluma.” Ekyo, kati kitegeerekese?

<sup>107</sup> Ekyo okikutte ku lutambi lwo? Eri abo abawuliriza olutambi... Kati omu ku ba... Ekyo Ow’oluganda Collins takikutte ku lutambi lwe. Njagala nkiddemu nate singa... kubanga y’omu ku badiikoni.

<sup>108</sup> Bwe—bwe wabaawo omuntu yenna, tugeze ne waja omusajja gwe mu...nga ali mu mbeera ey’akazigizigi, nga ayagala ekkanisa emukunjaanyize ekiweebwaayo, leka abayima oba abadiikoni basisinkane, era leka a... leka basisinkane, bakole okusalawo kuno, oluvannyma bategeeeze omusumba nti kiyinza okukolebwa *bwe kiti*. Leka ba... Leka omusumba agambe nti, “Omusajja ono gundi,” ayogere erinnya lye, “tetumumanyi. Era enkola yaffe wano kwe kusooka okunoonyereza nga tetunnakunjaanyiza bantu ssente za kiweebwayo, ate, nga ekyo, tukikolera bantu baffe. Naye omusajja ono wano, agamba ali mu mbeera mbi, alina ekyamutuuseeko, alina abaana abalwadde, era, agezaako kufunira baana be ddagala,” oba kyonna kye kiyinza okuba, embeera ey’akazigizigi ky’eyinza okuba. “Kati, wuuno ayimiridde wano. Osobola okuyimirirako, ssebo?” Mukiraba, era ayimirire. Omusumba agambe nti, “Kati ndowooza mu... mumulabye. Kati, olukunjaana nga luwedde, omusajja ono agenda kuyimirira ku luggi olw’omu maaso, olwo abantu abafuluma, abawulira nga mwandyagadde okubaako ne kye muwaayo eri ensonga eno, muli ba ddembe okukikola; twagadde kukiranga bulanzi mu kkanisa.” Obeera tokiteekawo nti balina okukikola, wabula obeera okiranga bulanzi. Mukiraba, eyo y’engeri y’okusembezaamu omuntu gwe mutamanyi. Mukiraba? Kati mukitegedde? Kale.

<sup>109</sup> Ekyo ndowooza kyanukula ekibuuzo ekyo.

**230. Ate ebikwata ku ntambi?** Kati. **Kubanga . . . Ate ebikwata ku ntambi?** Kiriko akabonero akabuuza. Kubanga, waliwo bangi abawandiikira woofisi nga bakuvunaana ku bikwata ku ntambi. N'ekirala, ky'ekikwata ku balala abali wano ku kkanisa abatunda entambi, n'ekya Mw. Maguire oba nga alina okusasulanga empooza ku buli lutambi olutundibwa.

<sup>110</sup> Kale. Entambi zikolebwa kusinziira ku kontulakiti. Naye singa si . . . Simanyi ddi lwennyini kontulakiti lw'eggwaako, naye abayima, kino abayima be bakivunaanyizibwaako; si badiikoni, bayima; si musumba, bayima. Abayima, buli luvannyma lw'ekiseera, ba—bakola kontulakiti, okusinziira ku kye mmanyi. Era kino—kino bwe kiba si bwe kiri, abayima basobola okungolola. Abayima bano balina endagaano n'omuntu akola entambi, era entambi zitundibwa oyo aweereddwa olukusa mu butongole.

<sup>111</sup> Tewali muntu mulala yenna akkirizibwa kukola ntambi okuggyako nga akkiriziddwa oyo eyakkirizibwa mu butongole, era teziyinza kutundibwa okuggyako nga oyo eyakkirizibwa mu butongole akkirizza, kubanga etteeka bwe lityo bwe ligamba, mukiraba, nti oyo eyaweebwa olukusa mu butongole y'azivunaanyizibwako. Mukiraba? Kale oluku— . . . oyo alina olukusa okuzitunda bw'ayagala okubaako omuntu *Gundi gw'akkiriza* akole entambi, ekyo kiri gy'ali. Bw'ayagala okukkiriza buli muntu akole entambi, ekyo kiri gy'ali; bw'ayagala buli omu atunde entambi, ekyo kiri eri oyo eyaweebwa olukusa mu butongole. Yenna ayagala okukikola alina o—okuba n'olukusa mu buwandiike nga buliko omukono gw'oyo eyakwasibwa obuyinza ku ntambi, obumukkiriza okukola n'okutunda entambi, kubanga awo mu mateeka aba akikola mu makubo matuufu. Kubanga bw'ataba na lukusa olwo, oli eyakwasibwa obuyinza . . . Obeera weetadde mu katyabaga, nga ggwe, oku . . . (Bwe waba wa kubaawo mu—muntu eyeenoonyeza eibile ayinza okwagala okuleeta obuzibu, asabolera ddala okukikola.) okuzziimuula obuyinza obwo, kubanga ekyo kiringa okwesigaliza obwannannyini ku kintu, mukiraba, kye kimu. Tokkirizibwa kukikola; musango gwa nnaggomola okukikola.

<sup>112</sup> N'olwekyo bwe waba waliwo abakola entambi, ob'olyawo balina endagaano ne Mw. Maguire alina—alina . . . a—asolooza empooza ku ntambi. Kale kati . . . kati ekyo sikimanyiiko, kubanga wano sibeerawo kiseera kiwanvu kimala kumanya b'ani abakola ku bintu bino, n'ani abivunaanyizibwako. Nzirkiriza Mw. Maguire y'akyalina obuyinza obwo, kubanga erudda eri, ndi mu California manyanga mu Arizona, gye ndi, kye mmanyi entambi bakyazigula mu California. Ow'oluganda Sothmann, ssezaala wa Mw. Maguire, nga muganda waffe wano mu kkanisa. Nzirkiriza Mw. Maguire entambi ezo, y'akyazirinako

obuyinza.

<sup>113</sup> Naye kati, ebbanga lyonna wabaddengawo okwemulugunya ku nsonga y'okukola entambi. Kati, bwe wabaawo okwemulugunya okw'engeri yonna ku kintu kyonna ekikwata ku bya ssente z'ekkanisa eno, buvunaanyizibwa bw'abayima okulaba nti okwemulugunya okwo kugonjoolwa. Mukiraba? Tewalina kubaawo, kintu kyonna, mu ngeri yonna.

Kati mulaba wano, kigamba ku kapapula kano wano, nti:

**Bawandiikira woofiisi nga bakunenya.**

<sup>114</sup> Eky'amazima, nfunye amabaluwa mangi ku nsonga eyo, nga baagala okumanya lwaki tebafunga ntambi zaabwe. Kaakati mmwe mumanyi kontulakiti gye mulina n'oyo alina obwannannyini, okusinziira ku bwe mmanyi...Entambi, nze—nze nga nze, sirina kye nzetaaza, bwe wabaawo omuntu yenna asobola okuzikozesa okubunyisa Enjiri nze gyendi kiri, "Amiina!"

<sup>115</sup> Naye, okusooka, Ow'oluganda Roberson ne banne baatandika be bazikola, Ow'oluganda Beeler n'abalala abawerako nabo ne batandika okuzikola; ekyaddako abalenzi ababiri, Ow'oluganda Mercier n'Ow'oluganda Goad, nabo ne bazikola okumala emyaka egiwera; era, weewaawo, buli omu ku basajja abo ababaddenga bazikola, wabaddengawo okwemulugunya ku buli omu. Naye, kirabika jjuuzi wano, wabaddewo okwemulugunya okw'amaanyi olw'abantu obutafuna ntambi zaabwe. Abantu bankubidde amasimu okuva wonna mu ggwanga. N'okwemulugunya okulala, kubaddenga, kwa ntambi eziriko ebitundu ebitakwatagana, olutambi we luzannya ekintu kimu eddakiika emu, ate okuddamu okuluzannya, ne lwogera ekirala, ne balemwa n'okutegeera kiki kyennyini ekyogerwa.

<sup>116</sup> Kati, abantu bano abasasula okufuna entambi zino balina okufuna entambi ennungi ddala. Sifaayo kiki kye balina kukola okusobola okufuna entambi ezo nga nnungi, naye twagala okulaba nga bakasitoma baffe era baganda baffe (nga weewaawo bakasitoma baffe era baganda baffe, n'ebirala), bateekwa okufuna olutambi "Oluli ku mutindo ogusingayo" obulungi. Kati, mmwe abayima ekyo mukakase nga kikolebwa, mukakase nti abantu bano bamativu. Bwe baba si bamativu, ssente zaabwe ziteekwa okubaddizibwa mu bwangwa ddala.

<sup>117</sup> Era waliwo eyankubira, nga agamba nti amaze emyezi n'emyezi nga alinze entambi okumutuukako. Kati, simanyi ngeri ki Ow'oluganda Maguire gy'akwatamu nsonga ya ntambi zino. Si—simanyi bw'akikola, kuba sirina kye nzimanyiiko. Era si... Si mulimu gwange okumanya bw'akikola, mulimu gwe ne banne wamu n'abayima. Kale sigezaako kugweyingizaamu, naye mbategeeza mateeka agafuga entambi ezo. Mukiraba? Amateeka agafuga entambi zino gali nti entambi zino, okuva

mu kiseera we bazitumiza, entambi ezo zirina okuba nga zituuka gye ziraga wakati w'olunaku lumu oba bbiri, oba ssatu oba nnya okutuuka ku nnaku ttaano; okuva entambi ezo lwe zisabibwa, zirina okubeera nga ziweerezebwa oba si ekyo obuyinza bwandisazibwamu ekiseera kyonna ebiragiro bino bwe binaaba tebigobereddwa. Mukiraba?

<sup>118</sup> Kati, era buli luvannyuma lwa myezi mukaaga oba omwaka, kino kirina okuzzibwa obuggyga, endagaano eno erina okuzzibwa obuggyga. Mulina okusisinkana ku nnaku z'omwezi *zino* obuyinza buno ze bulaga nti lwe mulina okusisinkana. Era kirina okuba, nti, walina okubaawo abantu abalala abalina okuyingizibwaawo mu kiseera ekyo, era mulina okutegeeza n'abalala ababaddenga basaba okukola entambi *zino*, nabo ne bajja n'endagaano zaabwe ne mutuula ne muzikubaganyaako ebirowoozo.

<sup>119</sup> Kati, ebiragiro bino biteekwa okuteekebwa mu nkola! Mukiraba? Era biteekwa okukolebwako, kubanga waliwo okwemulugunya. Beemulugunya ku Leo ne Gene bwe baali bazikola, ne beemulugunya ku buli omu, kaakano beemulugunya ku W'oluganda Maguire, era ne ku muntu omulala bajja kwemulugunya, naye leka tutegeere okwemulugunya kwabwe kwe kuva.

<sup>120</sup> Kati, naye okwemulugunya okukwata ku ntambi bwe kutandika okwetuumma, ne kujjuza ebibookisi, ne wajja amabalua amayitirivu, ate nga... Mulabeeyo, amabalua ago tebagawandiikira akola ntambi ezo, bagawandiikira nze. Lubeerera nze gwe bavunaana olw'entambi ezo. Kati, bavunaanyizibwa bwange nga Omukristaaayo okulaba nti abantu bafuna kye basasulira, era njagala nammwe abayima mukakase nti ddala bakifuna. Bwe kiba kibeetaagisa okwongeza ssente, basobole okufuna entambi ennungi okusinga ku ze balina, oba okufuna ekyuma ekirungi okusinga ku kye balina, twagala omuntu oyo anaakola olutambi olwo alukole nga lulungi. Ekyo kye twagala. Olutambi luteekwa okukolebwaga lulungi! Era kasitoma ateeekwa okumatira ne ky'afuna, oba si ekyo omulimu gwonna ogw'okukola entambi tujja kuguyimiriza, tuleme kuba na ntambi, tuleke buli yenna ayagala okuzikola azikole. Naye bwe muba ba kuzisasuza, leka abazisasulira bakakase nga bafuna ekyo kye basasulira, kubanga obwo bwe Bukristaaayo. Ekyo tekyawukana na ku...

<sup>121</sup> Ne bwe bajja wano okuwuliriza Enjiri, nange njagala mbawe ekyo ekisingirayo ddala kye mmanyi kye nsobola okubawa, mukiraba, kale bwe bajja wano njagala nkakase nga buli omu na buli kimu kikolebwaga bwe kirina okukolebwaga. Y'ensonga lwaki mbagamba mmwe abadiikoni, n'abayima, n'abasumba, abali wano akawungeezi kano, nti bino muteekwa okubiteeka mu nkola byonna nga bwe biri, kubanga abantu bajja wano

kusisinkana Katonda, era ebintu bino tulina okubikola mu nkola ennuŋŋamu.

<sup>122</sup> N’olwekyo entambi nazo ziteekwa okukolebwako. Bwe kiba kibeetaagisa kwongeza ssente, bwe baba babadde balina ntambi za mutindo gwa wansi, leka bafune entambi ezizisingako obulungi. Bwe kiba kibeetaagisa kwongeza ssente ze bazitunda, bazongeze, naye omuntu afune ky’asasulira okufuna.

<sup>123</sup> Seetaaga wadde ennusu ku ssente eziisoloozebwa okuva mu ntambi ezo, wadde esimooni, ka libeere ekunŋaaniro terizeetaaga; ssaagala muzitunuulire. Temugeza okutunuulira ssente ezo, eziva mu—mu ntambi ezo. Bwe baba ab’okubaako ne ze basasula, ndowooza musobola okubaako omutemwa ogwa wansi ennyo gwe muziggyako olw’ensonga ey’okuba nti zikolebwano. Ndowooza ekyo ky’ekintu kye baagamba, Mw. Miller, ne banne, okusinziira ku mateeka, twalina, okubaako omutemwa gwe tuggyako oba ekintu bwe kityo. Ekyo mmwe mukivunaanyizibwako okulaba nga kikolebwano. Nze tekinkwatako, tekirina we kinkwatirako ya—yadde n’akatono; ekyo mmwe mukivunaanyizibwaako. Buli kimu siyinza kukirondoola kulaba bwe kikolebwano, nze mbabuulira bwe kirina kuba na bwe kiteekwa kukolebwano. Kibeere nti... Ndowooza mutegeera, bwe ḥŋambamo nti, “bwe kiteekwa okukolebwano.” N’olwekyo kino twagala kikolebwano mu ngeri entuufu.

<sup>124</sup> N’olwekyo bwe baba nga okukikola kibeetaagisa kufuna kyuma kisinga ku kye balina, ekyuma ekyo batere bakifune. Bwe kiba kirina ku...Kati, nnabagamba, nnagamba nti, “Buli luku... lugendo lwe nnaagendako okubuulira enjiri, nga ssinnagenda, nja kubategeezanga obubaka bwe ḥŋenda okubuulirako, ekintu kye mbadde...” Era mwenna nnabasubiza, nga ekintu kye kimu nja kukiddamu ku Ssande akawungeezi, nti, “Nga sinnabaako bubaka bupya bwe mbuulira wantu walala, bujja kusookanga kubuulirwa wano mu Kkunŋaaniro lino, kubanga kirabika nga wano bakwata amaloboozi agawulikika obulungi.” Ekyo mukijjkira? Era bwe nnajjanga wano, okubuulira obubaka bwange, nja kugedanga erudda wali ntegeeze abakola ku by’okukwata entambi obubaka obwo. Bambuuze nti, “Bubaka ki bw’ogenda okubuulira? Ogenda kubuulira ku ki?” Mbagambe nti, “Akawungeezi bwe kati nja kubuulira obubaka bwe buti, ate akawungeezi bwe kati mbuulire obubaka bwe buti,” basobole okubukwata babukoleko bategeke olutambi olwo oyo aba alwagala asobole okulufunirawo awo wennyini; alufunire awo wennyini, olutambi oluwlilikika obulungi okusinga ku ze bafuna mu nkunŋaanira ez’ebweru, kubanga luba lukwatiddwa wano wennyini mu kkunŋaaniro awali ebyuma ebikwata obulungi amaloboozi. Mukiraba?

<sup>125</sup> Kaakati, kati bwe nnaagenda mu kubuulira enjiri ey’ebweru kuno okw’amaanyi, kwe ḥŋendako emitala w’amayanja

n'awalala, awo ekyo sisobola kukibasuubiza, mukiraba, sisobola kubasuubiza nti obubaka bwange obusooka njá kusooka kububuulira wano. Kubanga bw'ogenda mu bifo eby'enjawulo nga obuulira, obubaka bwe bumu, olina okuba n'ekintu eki... Obubaka obwo butuuka ne bukutama, n'ababuwuliriza buteekwa okuba butuuka ne bubatama. Obeera olina okukolayo ekintu eky'enjawulo, okiraba, n'oggyayo Obubaka ddala nga bwe buli *awo*. Naye leka bafune ekyuma babeere nakyo eyo wabweru mu njiri, oba yonna gye tuba tugenze, ekinaakwata obulungi entambi zino nga ziwlukika bulungi ddala.

<sup>126</sup> Era bakole entambi eziwulikika obulungi, era buli lutambi luzannyibwe lwekebejjebwe nga terunnagenda, oba si ekyo ekintu kyonna bakiyimirize; baleme kubaako kintu kyonna kye bakola, baleke buli muntu yekolere olutambi olulwe. Mukiraba? Naye mukikole mu ngeri entuufu nga bwe kirina okukolebwá, mukiraba, okwemulugunya kuno kukome. Tetwagala kwemulugunya kwa ngeri yonna. Bwe wabaawo okwemulugunya okw'engeri yonna, leka tukukoleko, kugonjoolwe.

<sup>127</sup> Kati, nnjenda kwanguwako mangu nnyo nga bwe nsobola. Billy asigazzaawo ebibuuzo nga bibiri oba bisatu wano, bwe tubimala tumalirize.

**231. Ow'oluganda Branham, omudiikoni asobola kukoma wa oba alina kukoma wa mu kukuuma enkola ennuñjamu mu kkanisa? Tusaanye tuteeke mu nkola enkola ennuñjamu oba tulinde okutuusa Ow'oluganda Neville lw'anaatugamba kye tuba tukola?**

<sup>128</sup> Ogwo si mulimu gwa Waaluganda Neville, ogwo mulimu gwammwe. Mukiraba? Ow'oluganda Neville si mmwe mumugamba ky'alina okubuulira, n'engeri ey'okukibuuilaramu. Mukiraba, ogwo mulimu gwammwe, mmwe badiikoni, ekyo mmwe mulina okukikola. Ekyo mmwe muba mukikola. Ekyo Ow'oluganda Neville tekimukwatako, ogwo mulimu gwammwe. Mukiraba?

<sup>129</sup> Kati, singa wano ku luguudo wabaawo omupoliisi n'alaba omusajja nga abba ekintu mu bbuutu y'emmotoka, alina kusooka kukubira meeya amugambe nti, "Kati, ssebo, Ow'ekitibwa, Meeya, nze nkolera ggwe wano nga omusirikale wa poliisi; kati, nsanze omusajja wano eno ku luguudo, ya-yabaddé abba empiira gy'emmotoka mu kiro ekikeessezza olwa leero; naye, ndi wano nneebuuza, ekikolwa nga ekyo ky'okirowoozaako?" Huh! Mukiraba? Mulaba, kati ekyo tekyandibadde kya magezi, si bwe kiri? Nedda, ssebo. Bw'omugwiikiriza nga alina ky'akola ekikyamu, mukwate bukwasi.

<sup>130</sup> N'olwekyo omuntu bw'abaako ekintu kyonna ekikyamu ky'akola wano mu kkanisa, oba omuntu yenna, mugambe

akikomye, yogera naye. Tokikola mu ngeri ya malala; naye bw'agaana okukuwuliriza, yogera mu ngeri enaamuleetera okutegeera ky'omugamba. Okiraba? Mulabeeyo, nga bw'ogamba omwana, nti, "Ddayo wali eri," naye n'ajeema. Abadiikoni, musigale mu bifo byammwe! Muteke...Muli abadiikoni bana, leka ababiri babeere mu maaso ababiri babeere emabega, mu nsonda zino oba awalala bwe watyo. Ate beera bulindaala, weegendereze abamenyi b'amateeka n'abalala ab'engeri eyo abayinza okuyingira, mukiraba. Kale beera bulindaala, beera mu kifo kyo eky'omulimu era obeere awo, ekyo kye kifo kyo; oba yimirira ku kisenge weetegerezze buli ayingira.

<sup>131</sup> Omudiikoni y'alabirira ennyumba ya Katonda. Bwe wabaawo ayingira, yogera naye; beerawo omubuuzeeko, mukwateko mu ngalo. Mu ngeri endala, ggwe musirikale, "Wandyagadde tukulage w'oteeka ekkooti yo?" oba "Oyinza okutuulako?" "Wandyagadde akatabo k'ennyimba oba ekintu ekirala kyonna?" oba, "Kati twagala obeere n'ekiseera ekirungi wano, era—era osabe, era—era tuli basanyufu okuba naawe akawungeezi ka leero." Mukulembere omutwale aw'oktuula, omubuuze nti, "Wandyagadde kubeera kumpi oba oyagala kubeera mabega wano?" oba awalala wonna. Eyo y'engeri y'okwanirizaamu abantu.

<sup>132</sup> Omusirikale (manyanga omudiikoni) y'alinga gwe wandiyise omuserikale wa miritale mu magye, abeera muntumulamu, naye ate nga alina obuyinza. Mukiraba? Omuserikale w'amagye owa miritale mumumanyi, eky'amazima, bw'akozesa obuyinza bwe, ndowooza aba nga omubuulizi mu magye bw'abeera. Mukiraba? Aba muntumulamu n'ebirala, naye ate nga alina obuyinza. Okiraba, oteekwa okumuwuliriza. Mukiraba, ateeka...Ba kulutu abaakayingira amagye bwe bagenda eyo ne batamiira, nga, abawa ekibagwana. N'omudiikoni bw'atyo bw'alina okubawa ekibagwana.

<sup>133</sup> Kati, mujukire nti, omudiikoni musirikale, era woofiisi y'omudiikoni nkakali nnyo okusinga woofiisi endala yonna mu kkanisa. Simanyiyo woofiisi ndala nkakali kusinga woofiisi ya mudiikoni. Bwe kiri, kubanga alina—alina omulimu ddala gwennyini, era musajja wa Katonda. Musajja wa Katonda ddala nga omusumba bw'ali omusajja wa Katonda. Mazima ddala. Muweereza wa Katonda.

<sup>134</sup> Kati abayima, ekintu kyokka, kye bavunaanyizibwako eri Katonda kwe kulabirira eby'ensimbi n'okubivunaanyizibwako, n'ebintu ebigwa mu kkowe eryo. Mbagambye ebikwata ku ntambi, ne—ne ku bintu ebirala ebigena mu maaso wano, ebikwata ku kuzimba n'okuddaabiriza, n'okukunjaanya ssente n'ebirala, ebyo—ebyo bye baakwasibwa okubeera abayima baayo: ebintu ebikwatikako, eby'ensimbi n'ebirala. Ebyo abadiikoni tebabirinaako kakwate konna. Bwe batyo ne—n'abayima woofiisi y'abadiikoni tebagirinaako kakwate konna.

<sup>135</sup> Kati, abadiikoni bwe babaako ekintu kyonna kye baagala okusaba abayima babayambemu, oba—oba abayima okusaba abadiikoni babayambe, nga mwenna mukolera wamu... Naye obwo bwe buvunaanyizibwa bwammwe, bwetongodde. Mukiraba? Kale.

<sup>136</sup> Kati, nedda, temusaba Waaluganda Neville. Naye Ow'oluganda Neville bw'abaako ne ky'abasaba okukola, awo oyo—oyo aba musumba wammwe, mu bwetowaze ne mu kwagala na buli kimu... Singa agamba nti, "Ow'oluganda Collins, Ow'oluganda Hickerson, Ow'oluganda Tony, oba *omulala* yenna, osoboala okulaba kikyamu ki ekiri emabega mu nsonda eri?" Ku mulimu gwo bw'otyo, nga bwe mumanyi, nga omusajja wa Katonda owa nnamaddala.

<sup>137</sup> Jjukira nti, tokolera Kkuñjaaniro lya Branham, tokolera Waaluganda Neville oba nze, okolera Yesu Kristo. Okiraba? Ggwe... Oyo gw'Olina oku... Era A-Assaamu ekitiibwa obwesige bwo mu ngeri y'emu gy'Assaamu ekitiibwa obwesige bw'omusumba oyo oba *omulala* yenna, Abaasuubira obwesige bwo! Kale twagala tumulage obwesige bwaffe.

<sup>138</sup> Kati, oluusi kizibuwala. Kinkaluubirira okulaba omuweereza atudde awo gwe njagala n'omutima gwange gwonna, naye nga ddala nnina okumwatulira; mukiraba, naye nga nkikolera mu kwagala, mba nnina okugolola omukono okumuyamba. Naye, olaba, bajja gyendi ne bañjamba nti, "Naye Ow'oluganda Branham, oli muntu mulungi nnyo, lwaki tewekkiriranyaamukko ku kubatiza okwo, na ku *kino*, na *kiri*, na *kiri*, n'obukuumi obwo, n'eb'y'ezzadde ly'omusota?"

<sup>139</sup> Ne mmugamba nti, "Ow'oluganda, nkwegala, naye kati leka tu-... leka tukebere Ebyawandiikibwa tulabe ani mutuufu oba ani mukyamu." Mukiraba, nnina okuba nga nsobola oku...

<sup>140</sup> "Ha, kati, Ow'oluganda Branham, nze nkugambye, oli mukyamu mu byonna." Mukiraba, nga yeekaaliisa.

<sup>141</sup> "O," nga njamba nti, "kale, ob'olyawo ddala ndi mukyamu. Naye, bwe mba ndi mukyamu, mazima (kale ggwe mbuulira, ggwe a... ggwe amanyi wendi omukyamu), kale ggwe ndaga wa wendi omukyamu." Era mba mwetegefu okukkiriza, mukiraba.

<sup>142</sup> Kye kimu ne wano, "Owaaye ggwe, tolina lukusa kulagira mwana oyo kutuula wansi." Kati, omudiikoni ye—y'akuuma ennyumba ya Katonda nga eri mu butebenkevu. Mukiraba? Kati singa o... Y'alabirira ennyumba ya Katonda n'agikuumira mu butebenkevu. Ekyawandiikibwa bwe kityo bwe kigamba, naye bw'oba olinayo ekintu ekirala omudiikoni ky'alina okukola, jangu okinjambe. Mukiraba, ky'ekintu kye kimu, naye ogwo—ogwo mulimu gwo okukikola, kale, weesibe bbiri.

<sup>143</sup> Era tolina kubaako muntu yenna gw'osooka kubuuza, ogwo—ogwo mulimu gwo. Ow'oluganda Neville talina muntu yenna gw'asooka kubuuza, ekkanisa terina kubuuza...

Manya, a—a—abayima tekibeetaagisa kugenda kusooka kubuuza Waaluganda Neville oba—oba ayagala ekkunjaaniro liserekewbe. Mukiraba? Nedda, nedda, ekyo Ow'oluganda Neville tekimukwatako, ekyo tekinkwatako, ekyo mmwe mukivunaanyizibwako. Abadiikoni tebeetaaga ku...

<sup>144</sup> Ky'ekimu n'eri omusumba. "Kiki ky'ogenda okubuulirako? *Kino ssaagala okikole.*" Ebyo si buvunaanyizibwa bwabwe okubyogera, ali wansi wa Katonda, mukiraba, ye musumba waabwe. Era singa singa—singa—singa... Ow'oluganda Neville, singa abuulira obubaka Mukama bw'aba atuwadde, nga fenna tuli bumu mu kino. Singa mbaako ekintu kyonna ekikyamu kye ḥajamba Ow'oluganda Neville, Katonda aba ajja kukinvunaana. Bwe kiri. Mukiraba? N'olwekyo Katonda ye Mukama waabyo byonna. Mukiraba? Ffe tukola bukozi nga ababaka Be, mulaba, mu zi woofisi zino.

### 232. Bambi nkusaba o-...

Ekibuuzo ekiddako, ndowooza bwe tukimala tunaaba tusigazzayo ekirala kimu oluvannyuma lwakyo tu—tumalirize.

**Bambi nkusaba onnyonnyole engeri ebirabo by'ennimi gye birina okukolamu mu kkanisa yaffe.** Ekyo nkikoze. **Ekkanisa ddi lw'erina okutereezebwa mu nkola ennuyjamu nga...oba ebirabo birina kukolera wa wennyini?** Ekyo twakava okukinnyonnyola.

**233. C-h-r-i-s-t-m-a...mmeka ze.** Kino osobola okulaba kiki kye kiri? [Ow'oluganda Billy Paul agamba nti, "**Ebivuga.**" — Omuk.] O. **Ebivuga. Ebivuga bimeka bye tulina okuba nabyo mu kkanisa ng'oggyeeko ennanga ne piyano?**

<sup>145</sup> Kale, kisinziira kye mubadde mulina oba mubadde na bbandi ya bivuga bya nkoba, oba kyonna kye mubadde nakyo, mukiraba. Simanyi kye mulina, kino kye kitegeeza, sikitegeera. Naye ennanga ne piyano ekkanisa y'ebirinako obwannannyini. Kati, singa omukulembeze w'ennyimba afuna ekirowoozo eky'okubeera n'amakondeere n'emirene n'ebirala bwe bityo, nga waliwo omuntu azze mu kkanisa nga amanyi okukuba ebivuga bino... Era nga ali mu bbandi, era—era nga, weewaawo, ekyo kigenda eri bayima bammwe, okukitwala eri abayima okulaba oba nga balina ssente okusobola okubagulira ebivuga byabwe n'ebirala, oba kyonna kye kiri. Ndowooza ekibuuzo ekyo bwe kibadde.

<sup>146</sup> Naye bwe baba balina ebivuga ebyabwe, ekyo kirungi nnyo. Bwe baba tebalina bivuga byabwe, naye nga ba mmemba ba bbandi wano, nga si muntu ajjako wano n'azzanyayo obw'olumu bw'amala n'abula bw'atyo, alina kuba kitundu ku bbandi mu kkanisa. Ekkanisa teyinza kugulira ko—ko—kkondeere muntu alifuuwa wano leero ate akawungeezi k'enkya n'agenda awalala, n'olulala awalala, n'alabikayokko olw'olumu n'akubayo. Nedda, ssebo. Alina kuba mu bbandi wano wennyini, bbandi entegeke

obulungi erina ne—n'omukulembeze, awo ekkanisa, asobola okwogera nabo ku by'okugula ebivuga.

**234. Bambi nkusaba onnyonnyole engeri gye tulina oku... engeri ffe abadiikoni gye tusobola okukuumamu abantu mu ssinzizo ku ntandikwa oba ku nkomerero...Bambi nkusaba onnyonnyole.**

[Ow'oluganda Billy Paul asoma: “**Abadiikoni bakuuma batya abantu mu ssinzizo nga basirise nga olukunŋaana terunnatandika n'olukunŋaana nga luwedde?**”—Omuk.]

O. Kale.

<sup>147</sup> Nanditeesessa bwe nti, ab'oluganda. Kati, waliwo ekintu ekikulu ennyo. Nnyabula ssinga tubadde n'obudde obumala okukikwatako, kubanga ki—ki...ki—kikulu nnyo gye tuli, mukiraba. Kati, ekkanisa si... .

<sup>148</sup> Bwe muba mwagala oku... Bwe muba mwagala okufunayo akawungeezi muteekoko olutambi luno muluzannyire abantu nga enkuŋŋaana tezinnatandika, abantu basobole okukitegeera, kino leka kizannyaibwe; ekitundu kino kyokka kyokka eky'olutambi, kino kyokka. N'ekitundu ekirala kyonna eky'olutambi luno kye muba mwagala okuteekako nga mulina kye mwagala, mulutambuze okutuusa lwe mufuna ekitundu ekyo, era mukizanny. Mukiraba, kubanga bino bibuuzo.

<sup>149</sup> Kati, abadiikoni b'ekkanisa, era nga bwe—bwe ŋŋamby, be basirkale b'ekkanisa. Naye ekkanisa si kifo kya kusisinkanirangamu ku—kutabaganā na kukola mikwano na kusagambiza. Ekkanisa kifo kya Katonda ekitukuvu! Tujja wano... Kati bwe tuba twagala kusisinkana, leka nzije ewuwo, naawe ojje ewange, oba mukyaliragane buli omu ewa munne. Naye okudda mu kusagambiza n'okwetala eno n'eri mu kkanisa, n'okwogera n'ebiri nga ebyo, ekyo si kituufu, ab'oluganda; tujja wano, ne twerabira ensonga enkulū etuleeta wano. Singa tujja... .

<sup>150</sup> Mulabe engeri gye twakikolangamu mu myaka egayita. Mwannyinaffe Gertie ye yali omukubi w'ennanga. We nnasumbira wano, nze—nze nalina okuba omusumba, omudiikoni, omuyima na buli kimu kyonna mu kiseera kye kimu, mukiraba, naye na—nnalina okubikola. Naye kati temwetaaga kukikola bwe mutyo, mukiraba, kubanga mulina abasajja abasobola okukikola. Naye bwe... nnalina abakebezi, Ow'oluganda Seward n'abalala nga be babeera ku mulyango. Baalina obutabo bwe baatekanga awo ku mulyango, mu katebe, obo ekintu ekirala. Era omuntu bwe yajjanga, nga omulaga w'awanika ekkooti ye obo nga omulaga aw'okutuula, nga omuwa akatabo k'ennyimba nga omusaba “abeere mu kusaba.” Era buli muntu yatuulanga n'akkalira mu katebe ke n'abeera mu kusaba mu kasirise okutuusa ekiseera eky'okutandika. Mukiraba? Era ekiseera eky'okutandika bwe kyatuukanga,

Mwannyinaffe Gertie, eyali omukubi w'ennanga, yagendanga n'atandika okukuba ennanga nga...abantu nga abantu bwe—bwe bakunjaana.

<sup>151</sup> Nze nteesa nti omukubi wammwe ow'ennanga aije akube myuziki omulungi ddala omuseeneekerevu. Bw'aba tasobola kubeerawo kumukuba, mumukwate ku ntambi mumusseeko azannye, oba engeri endala yonna. Mubeere ne myuziki, omulungi omuwoomu omuseeneekerevu ow'omwoyo nga agenda mu maaso. Kati...Era musabe abantu...Abantu bwe batandika okwogera n'okumala geeyisa batyo, leka omu ku badiikoni agende ku kazindaalo waggulu ku kituuti agambe nti, "Sh, sh, sh," bw'atyo. Agambe nti, "Bwe mujja wano ku kkunjaaniro, twa—twagala mujje kusinza. Leka tuleme kuleekaana, naye tuwulirize myuziki. Funa akatebe aw'okutuula, otuule, weewombeeke, mukiraba, obeere mu kusaba oba osome Bayibuli. Munda wano, mu kkanisa, ky'ekifo Mukama w'abeera. Kale twagala buli omu yeewombeeke era abeere mu kusinza, so si kwetawula kudda eno n'eri na kwogera nga okusaba tekunnatandika. Mujje mukunjaane wamu, era bw'ojja wano obeera ozze kwogera na Mukama. Mukiraba? Ekimu ku bibiri beera mu kusaba mu kasirise, oba si ekyo soma Bayibuli yo."

<sup>152</sup> Bwe nnagendako mu kkanisa ya Marble Church engulu eri ku...Norman Vincent Peale mwali mumuwuliddeko, ndowooza. Ne nnyingira mu...Mukugu mu by'embeera z'abantu, nga bwe mumanyi. Kale nnagenda mu kkanisa ye, muli ne jjamba, nti, "Kale singa ekyo ab'ekkunjaaniro lyange baddamu ne bakikola." Abadiikoni bali bayimirira ku mulyango awo wennyini nga waakayingira. Ne ba, weewaawo, ne bakuwa akapapula k'enteekateeka y'okusaba kwa Ssande, ne bakutwala ne bakutuuza wansi. Yalina okufulumya abantu emirundi esatu, nga bwe mumanyi, kubanga etuuza abantu nga ebikumi bina oba bitaano, bwe watyo; ate New York kifo kinene, nga naye musajja wa linnya. Era bwe mba nzijukira ekibinja ekimu kyayingira ku ssaawa nya ate ekirala ku ssaawa ttaano, n'addamu n'abuulira obubaka bwe bumu bwennyini, okubuulira kwe kumu, n'akapapula k'enteekateeka y'okusaba ke kamu. Naye bwe basiibula abantu, kati (nzikiriza) baakozesa eddakiika ttaano ekkanisa okubeera nga...Tewali muntu yenna yali akkirizibwa kuyingira okuggyako nga abali munda bamaze okufuluma, oluvannyuma abadiikoni ne baggulawo enzigi ekibinja ky'ekkanisa ekirala ekiddako ne bayingira n'ejjula. Baalina entebe zino enkadde mw'otuula ne weegazaanya, nga bwe mumanyi, kale nga bayingira bwe batyo, ne batuula mu ntebe ezo eziri mu layini empanvu we baggulira oluggi. Kkanisa ya nkola nkadde, ebaddewo okumala—okumala kati, ndowooza emyaka nga ebikumi bibiri, ekkanisa eyo enkadde eya Marble Church.

<sup>153</sup> Wali osobola n'okuwulira ka ppini akagudde awantu wonna mu kkanisa eyo, nga buli omu ali mu kusaba okumala waakiri eddakiika nga amakumi asatu nga eppeesa erisooka terinnanyigibwa ku nnanga, okukuba oluyimba oluggulawo. Mukiraba? Nga buli omu ali mu kusaba. Mu nze nnagamba nti, "Nga kirungi nnyo!" Oluvannyuma omuweereza oyo... Oluyimba olwo oluggulawo...ndowooza baakubanga oluyimba olwo oluggulawo okumala wakati w'eddakiika nga ssatu okutuuka ku ttaano, *Nga Oli Mukulu*, oba olulala bwe lutyo, ne babeera nga baluddamu. Era bwe baalukuba, buli omu n'alekera awo okusaba, n'abeera nga awuliriza oluyimba olwo oluggulawo. Mulaba, kireetawo akaseera ak'okukyusa, okuva mu kusaba okudda ku luyimba olwo oluggulawo. Era bwe baalukuba, awo omukulembeze wa kkwaaya n'alagirira kkwaaya. Ne bayimbayo oluyimba ekibiina *wamu* ne kkwaaya. Bwe lwaggwa ne baba nga beetegefu okuyingira mu kuyigiriza okukulu okwa Ssande. Mukiraba? Oluvannyuma na—nakwo bwe kwaggwa, tewali kirala kyonna kyakolebwa okuggyako okusinza Katonda, ekiseera ekyo kyonna, era ekyo kye kituleeta wano.

<sup>154</sup> Era muli ndowooza nti kyandibadde kirungi singa ekkanisa yaffe...Era kino nkyogera, ffe tubeere, nga tukikola, tujja kukikola. Mukiraba? Leka tukikole. Bwe wabaawo omuntu akola ekintu, nga agamba, nti, "Ndowooza nga kirungi okukola." Bwe kiba kintu kirungi, leka tukikole. Mukiraba? Tetwagalal kugoba kintu kirungi kyonna, mu buli ngeri, tujja kukikola. Mukiraba? Kale mugende mu maaso mu—muyimirire waggulu wali era—era bwe batandika ku makya, oba ekiseera bwe kityo, abantu ne batandika okweyisa nga abazze okukyaliragana, leka wabeevo omuntu, oba omu ku—omu ku badiikoni, oba omulala yenna asituke agende waggulu wali agambe nti, "Kino kyayisiddwa nga etteeka mu kkunjaaaniro lino wano..."

<sup>155</sup> Ssimanyi oba bakikola; bayinza—bayinza okuba nga bakikola. Wano sibeerawo, mulaba, kale simanyi. Sibaawo wano nga enkurjaaana tezinatandika.

<sup>156</sup> Kale bwe bajja ne batandika okwogera, leka wabeevo agenda waggulu wali abagambe nti, "Sh, sh, sh, musiriikireeko." Mukiraba? Leka e—leka e...Mufuneyeo mwannynaffe, agende erudda wali atandike okukuba myuziki oyo. Bwe muba temulina wa kumukuba, mumukwate ku lutambi muluteekoko luzzanny, mukiraba, myuziki w'ennanga. Kati omuntu oyo agambe nti, "Kaakati tu...Mu kkunjaaaniro wano tulinawo etteeka eppya. Abantu bwe bayingira wano tetulina kwogera na kukubagana bwama, wabula okusinza. Mukiraba? Kati mu ddakiika ntono nnyo olukunjaaana lugenda kuba lutandika. Naye okutuusa we lunaatandikira, ku bibiri soma Bayibuli yo oba koteka omutwe gwo obeere mu kusaba mu kasirise." Era ekyo bwe kinaakolebwa emirundi nga giigyo,

bonna bajja kukikwata. Mukiraba? Mukiraba?

<sup>157</sup> Ojja kuwulirayo omuntu ayogera, naye ekiseera bwe kinaatuuka eky'oku... oluvannyuma lw'emirundi nga giigyo, nga wayiseewo akaseera mujja kutuuka nga omuntu, ka tugeze, singa alaba omuntu nga ayogera, nga tewali mulala ayogera yenna, mukiraba, kaakati, awo omu ku badiikoni agende gy'ali amugambe nti, "Twa-twagala obeere mu kusinza mu kiseera kino eky'olukunjaana." Mukiraba? Mulaba? Mukiraba, si nnyumba ya kwogereramu, wabula nnyumba ya kusinzizaamu. Mukitegeera?

Ndowooza ekyo kyanukuddwa. **Bambi nkusaba onnyonnyole...** Weewaawo. Leka tulabe. Weewaawo. **Bambi nkusaba onnyonnyole engeri y'oku... abadiikoni gye tulina...mu ssinzip.** Weewaawo, ky'ekyo kyanukuddwa. Bwe kiri. Ky'ekyo.

Kale, kati, ekisembayo kiikino.

**235. Ow'oluganda Branham, bwe tubaddenga n'akakisa ku ntandikwa y'olukunjaana... Nta—nta... okwemelu... Nedda,... tubaddenga n'okwemulugunya...**

Kyawandikiddwa mu bunyukuta busirikitu. Naye kigamba nti "**tubaddenga n'okwemulugunya**," si bwe kiri? [Ow'oluganda Billy Paul addamu nti, "Uh-huh," era agenda mu maaso n'okuyambako Ow'oluganda Branham okusoma obunyukuta obwo obusirikitu—Omuk.]

**...tubaddenga n'okwemulugunya ku ntandikwa y'olukunjaana.** Tubeera... Leka tulabe. Tu—tu—tubeera n'ennyimba, obujulizi, awamu n'okusaba, ebyetaago eby'okusabirwa, n'ennyimba ez'enjawulo, era o-b-a... ob'olyawo ne tufuna... ne tuyingira mu bubaka ku ssaawa ttaano, oku... oba oluvannyuma lwa ssaawa ttaano, naye ate ne tutawa Kigambo budde bumala. Abamu emirembe gibaggwaako ne batuuka... ne bagenda nga teki-teki, nga... tekinnaba—nga tekinnaggwa. Ki... Bambi nkusaba onnyonnyole ennyimba zirina kuba mmeka, na budde ki obubaka we bulina okutandikira. Ate oluusi—oluusi tubeera n'okusaba—ebyetaago eby'okusabira ne bikomekkereza nga bifuisse lukunjaana lwa bujulizi, n'ebintu ebimu ekita—ekitalabika... ekitalabika bulungi mu kiseera ekyo.

<sup>158</sup> Kati, ekyo ka nsuubire nti nkitegedde nga bwe kirina okuba. Billy agezaako okunnyamba wano. Awuliriza ku lutambi, bw'owulira nga... bwe wabaawo omuntu ali mu lukunjaana, mu lukunjaana luno, awuliriza olutambi luno, Billy y'agezaako okunnyamba okubisoma kubanga byawandiikkidwa, mu bunyukuta, obusirikitu ennyo ennyo, kale mbadde nnemeddwa okubusoma. Naye kati okutwaliza awamu ekibuuzo, kiri,

nti, "Tulina kuyimba nnyimba mmeka nga tetunnatandika lukunŋaana, era olukunŋaana lulina kutandika budde ki?"

<sup>159</sup> Kati, ekisooka kye njagala okukola wano kwe kwetonda. Era bwe mba mukyamu, njagala nzikirize nti, "Ndi mukyamu." Mukiraba? Era ŋjenda—ŋjenda kwetonda mu kino ŋjambe nti, "Kino mu ngeri emu oba endala kyava ku nze." Kubanga nze mbaddenga mbeera n'enkuŋjaana zino empanvu ennyo n'ebirala, kye kitadde ekkanisa mu nkola eno mw'eri, mukiraba, ey'okukola ebyo, naye si bwe kirina okuba. Era kati, mujukire nti, nnina...ndi...Nnali mbagamba nti, "Ssande akawungeezi, Mukama bw'anaaba ayagadde, ku Ssande akawungeezi, nti, ngezaako okuva kaakano okweyongerayo okuwa okubuulira kwange kwonna obudde obugere, bwe mba wa kubeerawo okumala wiiki endala nnamba, okukozesanga eddakiika amakumi asatu oba ana ekinene ennyo mu kubuulira kwange."

<sup>160</sup> Kubanga kino kye nzudde, nti okubuulira oku...Bwe kubaawo, era obubaka ne bubuulirwa mu maanyi; bw'olwaawo ennyo ekisusse, okooya abantu ne batabutegeera. Ensonga lwaki mbaddenga mpa...ekyo mbadde nkimanyi ebbanga lyonna. Mukiraba? Aboogezi abasinga okulaba obuwanguzi beebo ddala abalina...Yesu yali Musajja wa bigambo bitono, laba okubuulira Kwe. Laba okubuulira kwa Pawulo. Ku Lunaku lwa Pentekoote, ob'olyawo kwamutwalira eddakiika nge kkumi na ttaano, n'abawa e...awo, ekintu eky—a—ekya—ekyasindika emmeeme enkumi ssatu mu Bwakabaka bwa Katonda. Mukiraba, yagenda butereevo ku nsong. Mukiraba?

<sup>161</sup> Kale gu—gunsinga. Kubanga, ensonga lwaki nkikoze, si lwa kuba nti eky'okukola mbadde sikimanyi, naye nkola ntambi, mukiraba, era entambi zino zija kuteekewbangako mu mayumba zizannyibwe okumala essaawa n'essaawa n'essaawa. Naye nga bwe mulikizuula, ku Ssande ejja, ensonga lwaki nkikoze, ku Ssande eno ejja, mujja kutegeera ensonga lwaki nkoze ebintu bino...nnyinza n'okugyogera na kaakati ku lutambi. Ensonga enkozesesseza kino ebadde lwa mugugu guno omuzito gwe nnima ku lw'Obubaka obw'ekiseera kino, okulaba nga mbumalayo. Kati Obubaka bubuuliddwa, era kati ŋjenda kukozesanga eddakiika nga asatu oba ekintu bwe kityo, oluvannyuma lw'olusooka omwaka, mu nkunŋaana zange eyo mu...yonna gye ŋjenda, ngezeeko n'okupima essaawa yange enzijukize mu ddakiika asatu, oba obutasukka ana ekinene ennyo; mpakire mu bwangu Obubaka obwo, oluvannyuma mpite abaagala okulokoka bwe mba...oba kyonna kye mba ŋjenda okukola, oba mpite abaagala okusabirwa; nneme kutwala budde obwo bwonna, kubanga bw'okikola okooya abantu. Ekyo nkimanyi.

<sup>162</sup> Naye mulabeeeyo. Ndowooza, mu mwaka, tetubaddeeyo na bantu bawera kkumi na babiri abatambudde ne bafuluma, ate nga oluusi mbalwisa wano okumala essaawa nga bbiri oba

ssatu. Mukiraba? Bwe kiri. Kubanga kubaddenga kukola ntambi zino ezibuna wonna mu nsi, mukiraba. Era abantu abali eyo, bajja kutuula okumala essaawa n'essaawa bawulirize Obubaka obwo; abaweereza, n'abalala abatali bamu, e Bugirmaani, e Switzerland, mu Afirika, Asia, ne buli wamu wonna, mukiraba, bawulirize Obubaka obwo.

<sup>163</sup> Naye, mulabeeyo, kikolebwa ku lwa ssinzizo, ku lwa kkanisa . . . Era ekyo tekiriimu kabi konna. Bw'obeera wano nga okwata lutambi, nga olina olutambi lwa ssaawa bbiri, luteekoko obubaka bwa ssaawa bbiri; naye bw'oba tokwata lutambi lwa kintu bwe kityo, awo obubaka bwaffe leka tubusaleko, mukiraba, obubaka bwaffe leka tubusaleko. Ka mbabuulire ensonga lwaki, waliwo abamu abakutta amangu, ate abalala ne balwawo okukkutta, mukiraba, bwe kityo, kati olina okubeera awo wakati okulaba nga bombiriri basanyufu.

<sup>164</sup> Naye kati, emirundi mingi tugenda ne twonoona enkuunjaana zaffe olw'okubeera n'olukunjaana oluwanvu ennyo olw'okuwa obujulizi, kye mmayi nti gusinga nze okuba nti nze nkikola. Ne weesanga nti bwe mufuluma ebweru we mwabeereranga n'enkuunjaana ez'ebweru, ne muyitayo ow'oluganda omukulu mu myaka n'ayimirira awo, n'ayimirira n'a . . . N'omusaba aggulewo n'okusaba, n'asabira mmeeya w'ekibuga, ne gavana w'essaza, ne Pulezidenti w'Ekiiba Jones ali mu ddwaliro, n'ebintu bwe bityo; nga abantu bayimiridde, abalala bwe batambula bwe bayita ku lukunjaana lwe mukubyie wabweru, ne beetambulira—ne bagenda. Mukiraba? Bambi bona n'abakooya. Kati tuli, wadde . . .

<sup>165</sup> Mukiraba, kati ekintu ekikulu, okusaba kwo kulina kubera kwa mu kyama, okusaba kwo kwennyini okukulu, okusaba okuwanvu. Saba byonna . . . Yingira mu kifo ekyekusifu, oggalewo oluggi. Eyo gy'obeera n'osaba olunaku lwonna, n'ekiro kyonna, oba essaawa bbiri, sabira eyo. Naye bw'oja wano, mu maaso g'abantu, essaala yo leka ebeere nnyimpi, gisabe, eyite mu bwangu. Olukunjaana lwammwe mulukole nga . . . Era muweeyo ekiseera ekisingayo obuwanvu eri Ekigambo ekyo. Ekigambo y'ensonga enkul! Pakira Ekigambo ekyo mu bwangu nga bw'osobola, okiraba, tuusa Ekigambo eri abantu.

<sup>166</sup> Kati, nteesa bwenti. Kaakati, kati mujukire nti, nzikirizza nti gunsinga okuba nti kino nze nnakireetera okuba bwe kiti. Naye mbabuulide ensonga lwaki mbadde nkikola, nkikoze kuba nkwata ntambi za ssaawa bbiri ez'okuweereza emitala w'amayanja na buli wamu wonna, ez'Obubaka, mukiraba. Naye ekyo ekkanisa terina kukikoppa (obubaka obubuulirwa wano mu kkunjaaniro) tebulina kuba nga bubaka bwa ntambi ezo

(ez'essaawa ebbiri) ez'okuweerezebwa mu bifo eby'enjawulo, mukiraba, zisaasaanyizibwe wonna.

<sup>167</sup> Kati, eno y'enkola gye... Leka mbawe eky'okulabirako. Kinaabakolera, kiteeso buteeso? Nze ḥṇamba nti ekkanisa ebeere n'obudde obulambikiddwa enzigi zaayo lwe ziggulwa, abantu bayingire, nga ennyimba bwe zikubibwa. Era leka buli muntu ayingire nga azze kusinza, so si kukyala. Ne bwe muba mumalirizza temubakkiriza kudda mu kukyala, mubagambe nti "Musiibuddwa mufulume, si kudda mu kukyala. Oli bw'ayagala okukyala, wabweru waliyo ekifo ekigazi. Naye kino kifo kya kunsinizaamu, leka kikuumibwe nga kiyonjo." Kati, Omwoyo wa Mukama bw'aba akola wano, leka tumuleke asigale nga Mwoyo wa Mukama. Mukiraba? Naye—naye Anaagenda mu maaso nga atambula. Bwe mutaakikole, mujjukire ebigambo byange, ligenda kugwa; weewaawo liija kugwa. Naye leka tulikuume, buvunaanyizibwa bwaffe, y'ensonga lwaki ndi wano akawungeezi kano. Kwe kulunŋjamya ekifo kino mu nkola zino—zino ezirina okugobererwa.

<sup>168</sup> Kati mulabeeyo, leka njogere bwenti. Mu nkola eya bulijo, okuggyako nga tulangiridde naddala... ne tubategeeza nti tujja kuba tukwata obubaka ku lutambi. Mukiraba? Kati, Ow'oluganda Neville bw'abaawo wano n'obubaka bw'agenda... bw'aba n'obubaka bw'ayagala okuwa abantu, nga bukwatiddwa ku lutambi, oba ekintu bwe kityo, n'langirira n'agamba nti, "Kati, akawungeezi ka Ssande ejja tujja kuba tukwata olutambi lwa ssaawa bbiri," oba olutambi lwa ssaawa ssatu, oba kyonna—oba kyonna kye kiri. "Tujja kuba tukwata olutambi lwa ssaawa nga bbiri oba ssatu," oba kyonna kye kiyinza okuba, "akawungeezi ka Ssande ejja." Era abantu bakitegeere. Era bwe bajja, addemu abategeeze nti, "Kati, akawungeezi ka leero tugenda kukwata obubaka ku lutambi. Era nnina wano obubaka bwe njagala bukwatibwe ku lutambi busaasaanyizibwe. Mbadde... Obubaka buno mpulira nga nnurŋjamizibwa okubuweereza ebweru eyo. Kale bugenda kukwatinibwa ku lutambi, buyinza okutwala essaawa nga bbiri, oba ssatu, oba kyonna kye kiri." Kyogere.

<sup>169</sup> Naye, mu mbeera eya bulijo, nga bwe nkola bwe ḥṇenda mu kifo nga mu zimu ku nkunŋaana z'Abasajja Abasuubuzi, oba bwe mbeera eyo mu nkunŋaana zange nga nnina olunyiriri lw'okusabira abalwadde. Singa nnyimirira ne mbuulira obubaka bwa ssaawa ssatu akawungeezi nga tetunnasabira balwadde, mulaba ekiddirira? Mukiraba? Weewaawo, abantu, akawungeezi akaddako ekibiina kyo kiba kyesazeeko nga kimu kyakubiri ku bwe kyabadde. Mukiraba? Kubanga tebasobola kukigumiikiriza, balina okugenda okukola n'ebirala.

<sup>170</sup> Nteesa bwenti, nti mu mbeera eya bulijo... Kati, nneetegerezza Ow'oluganda Neville akawungeezi ka jjo bwe yabuulidde. Kati, mmanyi fenna tumanyi nga obwo bwabaddé

bubaka obw'enkuukunala. Nange nnina bye nnawandiise wansi bwe yabadde abuuilira, mbirina wano mu nsawo yange, nja kubikozesa mu bubaka bwange obulala. Ekyo kituufu. *Ekkubo Ery'Obuddukiro*, mukiraba, era bwabaddde bubaka bukulu nnyo. Mwalabye bwe yayanguye okubumaliriza? Mulaba, mu ddakiika nga asatu mu ttaano, mulaba, yabadde a—abumalirizza. Mukiraba? Kati, ekyo kyabaddde kirungi nnyo. Kati, era Ow'oluganda Neville, bulijjo obubaka bwe bubeera bwe butyo. Mukiraba, tebubeera buwanvu kiri awo. Mukiraba? Naye we muttira olukunjaana lwammwe kwe kabeera n'ebintu ebingi ennyo eby'okwogera nga temunnayingira mu kubuulira. Mukiraba?

<sup>171</sup> Kati, era—era ekyo bwe mukikola... Kati, mmmanyi, era kaakati mulabeeyo, ekyo si—sikyogera kubayisaamu maaso, mmwe abayima, oba abadiikoni oba—oba omusumba, naye mbagambako bugambi: mulabe Amazima ge galiwa, era kiteekwa kuba bwe kiti. Kati, mmwe... Kiva ku ki? Kati, buli omu, mwenna, muli bantu ba mpisa nnungi, muli basajja ba mpisa nnungi. Singa si bwe kiri, nnandigambye nti, “Bonna ba mpisa nnungi okuggyako Ow'oluganda *Gundi*, talina mpisa, era fenna tumusabira.” Naye mmwe—mwenna mulina enneeyisa nnungi, era mugumiikiriza, muli bakkakkamu, muli basajja ba bigambo bitono. Ekyo kirungi, naye ate muleme kabeera batiiizi mu ekyo.

<sup>172</sup> Ne Yesu, yalina empisa ennungi, naye ekiseera bwe kyatuuka okubaako ne by'ayogera yagamba nti, “Kyawandiikibwa nti, ‘Ennyumba ya Kitange enaabanga nnyumba ya kusabiramu,’ naye mmwe mugifudde empuku y'abanyazi.” Mukiraba? Mulaba, Ya—Yali amanyi ddi lw'alina okwogera ne ddi lw'Alina okusirika. Ekyo—ekyo—ekyo kye tulina okukola. Mukiraba? Tewabangawo, muntu nga Yesu, Yali Katonda. Era mujjukira nti, Ye ya... Yogera ku ky'okubeera omudiikoni mu kkanisa, nakyo Ya—Yakikola! Yaluka emiguwa, era teyalinda kubafulumya mpolo mpolo, Yabaswanyula buswanyuzi, mukiraba, n'abafulumya ennyumba ya Katonda. Era Yali akola omudiikoni ky'alina okukola, nga abawa eky'okulabirako *mmwe* abadiikoni. Mukiraba, Yali kyakulabirako kyammwe. “Kale kati, kya—kyawandiikibwa nti, ‘Ennyumba ya Kitange enaabanga nnyumba ya kusabiramu.’” Kati, mujjukire nti, awo Yesu yali Mudiikoni, ekyo mukimanyi, Yesu yali akola mulimu gwa mudiikoni.

<sup>173</sup> Bwe Yatuuka okukola ogw'omusumba, Yagamba atya? “Mmwe Abafalisaayo abazibe b'amaaso, abakulembira bamuzibe!” Mukiraba, awo, Yali akola omulimu gw'omusumba.

<sup>174</sup> Ate bwe Yabategeeza ebyali bigenda okubaawo, ate awo n'Akola omulimu gwa nnabbi. Mukiraba?

<sup>175</sup> Ate bwe waaliwo omusolo oguteekwa okusasulwa, n'Akola

omulimu gw'omuyima n'agamba nti, "Peetero, genda osuule eddobo mu mugga onnyulule, ekyennyanja ekinaasooka okubbulukuka kinaaba n'ekinusu mu kamwa kaakyo. Obasasule, olaba, osasule amabanja go agakubanjbwa." N'atugamba, nti, "Ebya Kayisaali mubiwenga Kayisaali, n'ebya Katonda mubiwe Katonda."

<sup>176</sup> Yali byonna yali Musumba, yali Nnabbi, yali Muyima, era yali Mudiikoni. Ddala yali byonna! Kale bwe mulaba bye Yakola, leka bibeere eky'okulabirako kyammwe munda wano mu Kkunjaaniro lya Branham, lye twagala okubeera ennyumba mw'Anaaweebwanga ekitiibwa mu buli kimu kyonna, mu buli woofiisi, mu buli kifo kyonna, waleme kubaawo muwaatwa. Leka wabeewo obukkakkamu, obulungi, n'ekisa, naye byonna bikolebwe nga bwe birina okuba, nga buli muntu ali ku mulimu gwe w'alina okuba. Mukiraba? Eyo y'engeri y'okukikolamu, bw'atyō bw'Akyagala. Teyatiitiira. Ekiseera bwe kyatuuka okubaako ne ky'ayasanguza, akiyite *ekyo kye kiri*, Yakiyita ekyo kyennyini. Ekiseera bwe kyatuuka okwolesa obukkakkamu, Yalaga obukkakkamu. Yali mulungi, wa kisa, era nga ategere; naye ate nga mukambwe, era buli kimu Yakikolera ddala nga bwe ky'alina okukolebwa, era ebyo Yabikola bibeere eby'okulabirako gye muli. Kati, ekyo Omwoyo Omutukuvu yaakakimpa. Kale ekyo, bulijo, mbadde sikirowoozangako, naye Yaliko omudiikoni. Mukiraba? Ya—Yakola omulimu gw'omudiikoni, mu kiseera ekyo.

<sup>177</sup> Kati nze ḥṇamba bwenti, ka tugeze enkuṇjaana zammwe zitandika ku ssaawa emu n'ekitundu, nga bwe budde bwe mutandika, ekkanisa yammwe mugiggulewo nga wakyabulayo ekitundu ky'essaawa, mugiggule ku ssaawa emu yennyini. Leka omukubi wa piyano... Mugambe omukubi w'ennanga... Mumusasula? Mwenna omukubi w'ennanga mumusasula? Asasulwa, manyanga omukubi wa piyano? Akikolera bwereere? Mumusabe mu ngeri ey'obukkakkamu. Ne bw'aba ayagala kusasulwa, okubaako ne ky'aweebwaa okukikola, mumugambe nti tukwagala wano nga wakyabulayo eddakiika asatu olukunjaana lutandike. Bw'agamba nti, "Naye, sisobola kubeerawo mu budde obwo," oba ekintu bwe kityo, nga alina okwemulugunya, awo mumusabe aije wano abeeko ennyimba enseeneekerevu z'akuba muzikwate ku lutambi. Mukiraba? Era leka... olutambi olwo muluteeke ku... Tekimwetaagisa kubeerawo buli kiseera, mutengeke olutambi lwammwe. Mukiraba? Leka omu ku badiikoni, oba abayima, oba oyo yenna aggulawo, oba alabirira ekkanisa, aluteekoko, ateekeko olutambi olwo, era leka lubeere nga luzannya nga abantu bwe bayingira. Mukiraba? Kubanga abadiikoni bwe baba tebaliiwo oba omuntu omulala, leka, omuyima oba omuntu omulala abeerewo akikole, era leka aluzanne okumala eddakiika amakumi asatu.

<sup>178</sup> Naye ku ssaawa emu n'ekitundu yennyini, leka ekide ekyo ekiri waggulu ku kizimbe kivuge. Mukiraba? Ekide kyammwe kikyaliyo waggulu? Weewaawo. Kale, leka ekide kyammwe kivuge ku ssaawa emu n'ekitundu, era ekyo kitegeeza tetugenda kudda mu kwetala kudda eno n'eri mu kkanisa na kubuuza ba Jones na buli omu. Leka akulembera okuyimba abeere ku mulimu! Bwe watabaaawo akulembera kuyimba, leka abadiikoni balabe nga waliwo...oba...bakakase nga waliwo akulembera okuyimba ekide ekyo bwe kivuga. "Bikkula akatabo ko ak'ennyimba, oluyimba nnamba *gundi*." Mukiraba? Leka kikolebwé ku ssaawa emu n'ekitundu yennyini.

<sup>179</sup> Kale, awo muyimbeyo oluyimba olusooka wamu n'ekibiina kyonna, oba oli awo n'oluyimba olw'okubiri wamu n'ekibiina kyonna, awo mubeere n'omuntu aba yayogeddwaako edda, bwe muba musobola, ajje akulembera essaala. Leka o—omusumba, oba, yenna...Naye, omusumba talina kubeera awo, ekyo a—akulembera okuyimba y'alina okukikola. Ndowooza, oyo ye W'oluganda Capps. Mulaba, ajja kumanya eky'okukola, leka—leka abeeko ne gwe yayogedde...oba ye kennyni akulemberemu essaala. Asabe ekibiina kyonna kiyimirire nga musaba, mukiraba, bayimirire, wabeewo omuntu akulembera essaala. Kati, bwe muteegendereza...

<sup>180</sup> Kati, tukkiriza nti buli muntu ateekwa okujja mu nnyumba ya Katonda n'asaba, ekyo kye—ekyo kye kifo eky'okusabiramu. Naye bwe mubeera mu kifo ekyo eky'okusinizaamu, mukozese bulungi obudde bwammwe. Mukiraba? Bonna bw'onaabayitayo bajje ku woluntaali, ojja kwesanga nga waliwo anaabeerawo okumala eddakiika nga kkumi na ttaano, oba abiri; mumalirize nga obudde bwammwe bwonna butwaliddwa.

<sup>181</sup> Okwo kwe, mulabeeyo, okusaba kwo olina kusabira waka. Yesu yagamba nti, "Bw'osaba, toyimirira nga abannanfuusi bwe bakola, ne—ne basaba okumala ekiseera ekiwanvu...ne basaba essaala empanvu, ne boogera *kino*, *kiri* oba *ekirala*, ne—n'ebiringa ebyo okweraga." Mukiraba? Yagamba nti, "Ggwe bw'osaba...saba, yingira mu kasenge, akasenge akeekusifu, weggalire eyo; osabe Kitaawo alaba mu kyama, Alikuwa empeera mu lujjudde." Kati, eyo y'engeri ey'okusabamu mu kyama, ekyo kye Yagamba okole.

<sup>182</sup> Naye bwe wabaawo, omuntu, bw'ajja, leka akulembera okuyimba, agambe nti, "Kale..." Nga oluyimba olusooka luwedde, leka abeeko gw'asaba akulemberemu essaala, oba ani yenna, essaala ennyimpi. Toyimirira n'otandika kusabira ba gavana bona, n'abalala bwe batyo. Bwe wabaawo ebyetaago eby'okusabirwa, leka bimanyibwe, ebyetaago ebyo leka biweerezebwe, mubiweereze, mubiwandiike. Agambe nti, "Wano, akawungeezi ka leero, nga bwe tusaba, tugenda kujjukira Mwannyinaffe *Gundi*, Ow'oluganda *Gundi* ali mu ddwaaliro, *Gundi*, ne *Gundi*, ne *Gundi*. Mubajukire mu

ssaala zammwe nga bwe musaba. Ow'oluganda Jones, osobola okutukulembera mu ssaala. Leka tuyimirire." Mukiraba? Leka biteekebwe ku kituuti. Mubagambe, era leka bakitegeere nti, "Bw'oba n'ekyetaago ky'oyagala kisabirwe, kiteeke *wano*, waggulu *wano*." Toddha mu kubuuza mbu, "Kati ani alina ekyetaago eky'okusabirwa, leka kimanyibwe..." Okuva awo, ogenda okuwulira, nga omuntu asituse agamba nti, "Ekitiibwa kibe eri Katonda!" Nga bwe mumanyi, atandiikiriza bw'atyo, mugenda okwejjukiriza, nga atutte kitundu kya ssaawa nga tannatuula wansi. Mukiraba?

<sup>183</sup> Ekkanisa eno ye ffe tugivunaanyizibwako, si balala; buno buvunaanyizibwa bwaffe eri Katonda. Woofiisi zino buvunaanyizibwa bwammwe eri Katonda. Mukiraba? Ensonga lwaki nnyimiridde wano akawungeezi ka leero okubagamba bino byonna, lwa kuba buvunaanyizibwa bwange eri Katonda; nammwe buvunaanyizibwa bwammwe: Mubiteeke mu nkola. Mukiraba?

<sup>184</sup> Kati, kale ekintu bwe kityo bwe...leka wabeewo akulemberamu essaala, era bw'akikola, ekyo kirungi, leka akulemberemu essaala, oluvannyuma batuule.

<sup>185</sup> Kati bwe mubaawo n'oluyimba olw'enjawulo... Kati, kino ssiyinza kukyogera, ssiyinza kugenda nga... Era omuntu yenna bw'ayagala okuyimba oluyimba olw'enjawulo, mukirangirire mu kkanisa. Mubagambe nti, "Ennyimba zonna ez'enjawulo, oba omuntu yenna alina ky'ayagala okuyimba, leka alabe akulembera okuyimba nga olukunjaana terunnatandika." Akitegeere... Ayinza okumugamba nti, "Kati, nsonyiwa, Ow'oluganda, njagala... weewaawo nnandyagadde okukikola, naye nni—nnina oluyimba lwe ḥnenda okukkiriza akawungeezi ka leero. Oba oli awo osobola okuntegeeza nti onabeera wano akawungeezi bwe kati, nja kuba nkuteeka ku pulogulaamu. Olaba, pulogulaamu yange yiino nnagikoze dda."

<sup>186</sup> Leka—leka Ow'oluganda Capps oba oyo yenna akulembera okuyimba... Kati mubeere n'omuntu akulembera okuyimba, ne bw'aba ani. Era temumuleka kuyimirira kwogera, manya kweyisa nga gy'oli nti mubuulizi, mukiraba. Leka ajje ayimirire awo akulembere ennyimba, ogwo gwe mulimu gwe.

<sup>187</sup> Ogw'okubuulira mulimu gwa musumba, mukiraba, si kukulembera nnyimba. Taliwo kukulembera nnyimba, akulembera okuyimba y'alina okukulembera ennyimba. Ye avunaanyizibwa, era alina okujja nga musu nga ali wansi w'amafuta ag'Omwoyo Omutukuvu, okuva mu woofiisi, erudda awo, ekiseera bwe kiba kituuse. Tekimwetaagisa na kubeera ku kadaala nga bino bigenda mu maaso. Leka abeere mu woofiisi erudda wali, mukiraba, oba erudda wano, oba awalala wonna, essimu zino ez'omu kizimbe zija kuba zimutuusaako ebigenda mu maaso, mukiraba, obudde bwe bunaaba butuuse.

Bw'awulira oluyimba olwo olusembayo... bwe wabaawo oluyimba olw'enjawulo, tugeze nga waliwo ayimba obw'omu, oba abayimba ababiri, oba abalala bonna, nga oluyimba lwammwe olw'okusatu. Mukiraba?

<sup>188</sup> Kitegeeza muyimbye ennyimba bbiri n'ekibiina kyonna awamu, ne musaba essaala, ne muwaayo ebiweebwayo byammwe bwe muba ba kubiwaayo. Era leka buli muntu abeere ku mulimu gwe w'alina okuba. Agambe nti, "Kale, kati nga bwe tuyimba oluyimba luno olusembayo, kati, abakebezi bwe baba basobola, nja kubasaba bajje mu maaso tuweeyo ekiweebwayo kyaffe eky'akawungeezi." Mukiraba? Era nga bwe bamaliriza okuyimba oluyimba olwo, abakebezi baba bazze dda mu maaso nga bayimiridde wano. Agambe nti, "Kale, kati tugenda kusaba, era nga bwe tusabira ebiweebwayo, twagala okujjukira *Gundi* wano, ne *Gundi*," asome amannya gaabwe, nga bwe gawandiikiddwa, bw'atyo, bw'atyo. "Kale, fenna tuyimirire. Ow'oluganda, osobola okutukulembera mu kusaba?" Awo nga byonna biweddeyo.

<sup>189</sup> Kati nga bwe bayimba oluyimba luno olw'okubiri, oba lwonna lwe muba muyimba, mulina oku, nga temunnaluyimba, musooke muweeyo ebiweebwayo byammwe, bwe muba ba kubiwaayo. Mubireke... Nze ḥnamba nti muyimbe oluyimba lwammwe olusooka, bwe luggwa muweeyo ekiweebwayo kyammwe eky'akawungeezi, bwe mumala okukiwaayo muyimbe oluyimba lwammwe olw'okubiri, mugende mu maaso okutuusa lwe mumaliriza. Kati oluyimba lwammwe olusembayo wano, oluyimba lwammwe olusembayo, mukiraba, leka lubeere nga lwe lwaniriza omusumba. Era amangu ddala nga oluyimba olwo olusembayo luyimbiddwa, leka ennanga etandike n'oluyimba lwa—lwa—lwammwe olwaniriza, awo omusumba wammwe aveeyo. Mukiraba, buli kintu kikoleddwa mu nkola ennurjjamu. Buli muntu asirise. Tewali kirala kya kwogera. Buli mudiikoni ali mu kifo kye w'alina okuba. Awo omusumba ajje ayimirire awo.

<sup>190</sup> Ajje, alamuse ekibiina kye, abikkule Ekitabo kye agambe nti, "Akawungeezi kano, tugenda kusoma okuva mu Bayibuli." Mukiraba, bw'amala okugamba nti, "Tugenda kusoma okuva mu Bayibuli." Era kati kirungi oluusi bw'ogamba nti, "Mu kussa ekitiibwa mu Kigambo kya Katonda, leka tuyimirire ku magulu gaffe nga bwe tusoma Ekitabo." Mukiraba, awo asome agambe nti, "Akawungeezi kano, ḥnjenda kusoma okuva mu Kitabo kya Zabbuli," oba kyonna kye kiri. Oba baako omuntu omulala gw'ogamba akisome, akulembera okuyimba, oba omusumba akuyambako, oba omuntu gw'obeera oli naye awo, leka akisome, yenna yenna; weewaawo kirungi singa okyesomera, bw'oba osobola. Kale okisome bw'otyo, oluvannyuma oyanjule omutwe gw'eky'okuyigirizaako kyo. Mukiraba? Mu budde obwo bwonna, mubeera mwakakozesa eddakiika nga amakumi asatu, era awo

ziba nga ssaawa bbiri ez'akawungeezi.

<sup>191</sup> Kati okuva ku ssaawa bbiri okutuuuka nga wabulayo eddakiika nga kkumi na ttaano okuwera essaawa essatu, wakati w'eddakiika nga asatu ne ana mu ettaano, simba Ekigambo ekyo nga Omwoyo Omutukuvu bw'akikuwa, okiraba, bw'otyo, kisimbe nga bw'Akugamba okikole, okiraba, wansi w'amafuta.

<sup>192</sup> Bw'omaliriza oyite abaagala okulokoka, ogambe nti, “Bwe wabaawo omuntu yenna mu kkanisa eno eyandyagadde okukkiriza Kristo nga Omulokozi we, tukusaba, tukwaniriza okuja ku woolutaali mu kaseera kano, yimirira ku magulu go.” Mukiraba?

<sup>193</sup> Bwe—bwe watabaawo muntu yenna ayimirira, gamba nti, “Wano waliwo omuntu yenna eyandyagadde okubatizibwa, eyamala okwenenya, nga ayagala okubatizibwa mu mazzi olw'okuggyibwako ebibi? Bw'aba yandyagadde okuja, tumuwa akakisa kaakano. Osobola okuja nga ennanga bw'ekyakubibwa?” Mukiraba?

<sup>194</sup> Bwe watabaawo ajja, buuza nti, “Wano waliwo omuntu yenna eyandyagadde...atafunanga kubatizibwa kwa Mwoyo Mutukuvu eyandyagadde okumufuna akawungeezi kano, nga wandyagadde tukusabire?” Kati, ob'olyawo bwe wabaawo ajja, leka babiri oba basatu bamuteekko emikono, bamusabire. Bamusindike mu kamu ku busenge, wabeewo agenda naye, amuluunjamye mu ngeri y'okufunamu Omwoyo Omutukuvu. Ng'a abasigadde ab'ekibiina abeeyawuddeko.

<sup>195</sup> Bwe wabaawo ajja oku...ayagala okusembeza Kristo nga ayimiridde awo ku woolutaali yeetaaga kusabirwa, kola e...muleke asabe. Bw'amala okusaba, ogambe abasigadde nti, “Kaakano mukoteke emitwe gyammwe, tugenda kusaba.” Omubuuze nti, “Okkiriza?”

<sup>196</sup> Bwe wabaawo akantu konna akayinza okulwisaawo ekibiina mu ngeri yonna, musindike agende mu kasenge awasabirwa, ogende naye, oba obeeko ne gw'osindika agende naye. Oleke ekibiina kigende mu maaso, olaba, bwe kittyo, awo oba tolina w'obalwizzza. Okiraba?

<sup>197</sup> Era ebyo nga bwe bigenda mu maaso...nga tonnaba ku...Mu—mu ddakiika ntono...kati bwe baba, ka tugeze, bwe watabaawo ajja, awo gamba nti, “Waliwo omuntu yenna eyandyagadde okusiigibwa amafuta akawungeezi kano, nga mulwadde? Wano tusabira abalwadde.”

<sup>198</sup> “Naye, nze njagala kukusinkana mu kyama, Ow'oluganda Neville.”

“Kale, nsisinkana mu woofiisi. Laba omu ku badiikoni, ajja kukikolako.” Mukiraba?

“Nange nnina kye njagala okukugamba, Ow'oluganda.”

"Kale, omu ku badiikoni wano agenda kukuleeta mu woofiisi, era tujja...nja kukusisinkana amangu ddala nga olukunjaana lwakaggwa."

<sup>199</sup> "Kati, leka tuyimirire tuggalewo." Mukiraba, mu ebyo byonna nga temunnaweba ssaawa nnamba na ddakiiika ana mu ttaano nga byonna biwedde. Mukiraba? Mulaba, mu ssaawa emu n'eddakiika asatu, nga olukunjaana lwammwe luwedde. Nga okibulidde mu bwangu, mu kaseera katono ddala; nga o—okiwadde kye kikoze; okoze e...era buli omu mumativu, era n'addayo eka nga awulira bulungi. Okiraba? Bwe mutakikola bwe mutyo, mubeera, mulaba, bwe muleka... Mulabeeyo, eki—eki—ekigendererwa kyammwe kiba kirungi, mulaba, naye mulabeeyo...

<sup>200</sup> Omanyi, gino kati kyenkana emyaka amakumi asatu mu esatu gye nnaakamala nga ndi mu kituuti kino, emyaka asatu mu esatu, n'okwetooloola ensi yonna. Mazima ddala, mu bbanga eryenkana awo obaako n'akantu k'oyiga. Mukiraba? Bw'otabaako na ky'oyiga, kisingako obiveeko. Kale n'olwekyo, mulaba, kino kye nnazuula: Kati, bw'oba nga b'obuulira bona Batukuvu, awo nkukakasa, muyinza n'okumalawo ekiro kyonna bwe muba mwagadde. Naye oli...Olaba, okutwaliza awamu si b'obeera obuulira bokka, obeera ogezaako kukwata bano abali wano ebweru. Bano b'ogezaako okukwata, olina kukolera ku mbeera zaabwe. Okiraba? Kale to...Ggwe baleete wano oleke Ekigambo kijje, awo, olaba, tewajja kubaawo kya kwemulugunyaako kyonna. Bwe wabaawo ensonga yonna ebaagaza okusisinkana, kale, tewali buzibu, batwalirewo butereevu mu woofiisi, naye tolwiisa kibiina.

<sup>201</sup> Kubanga okuva awo, nga bwe mumanyi, abantu bajja kusituka batandike okugamba nti, "Bannange, mbabuulire, leka tubeere n'olukunjaana olulungi olw'okuwa obujulizi." Okiraba? Kati ssigendererwa kuba mukolokosi mu kino, naye njagala kubagamba Mazima. Njenderera kubategeeza Mazima. Mukiraba? Nkizudde nga enkunjaana ez'okuwa obujulizi okusinga zi...oluusi zi—zivaamu bibi okusinga ebirungi. Mukiraba, ddala kye zikola.

<sup>202</sup> Kati, singa wabaawo omuntu ayagala okuwa obujulizi nga awulira bumwokya mu kiseera eky'okudda obuggyga, nga bwe mumanyi, nga mulina okudda obuggyga okugenda mu maaso, nga bwe mumanyi, olukunjaana, ne wabaawo alokose nga alina ky'ayagala okwogera, weewaawo, Katonda aweebwe omukisa, mumuleke ayogere ekimuli ku mmeeme. Mukiraba? Bw'a—bw'aba ayagala ku—bw'aba ky'ayagala okukola, mukiraba, awo wennyini mu kiseera eky'okudda obuggyga, nga agamba nti, "Kyokka kye njagala okwogera kiri nti, 'Nneebaza Mukama olw'ebyo by'Ankoledde.' Yandokola wiiki ewedde, era omutima gwange gubuguja olw'ekitiibwa kya Katonda. Katonda

yeebazibwe," atuule wansi. Amiina! Ekyo kirungi, awo genda mu maaso. Okiraba, ekyo tekirina mutawaana.

<sup>203</sup> Naye bw'odda mu kubuuza mbu, "Kati mujje. Ani addako? Ani addako? Kati leka tubeeko ne kye tuwulira, leka tubeeko obujulizi bwe tuwulira." Kati, ssinga mutegeka olukunjaana olw'enjawulo, akawungeezi akamu, mukiraba, ne mugamba nti: "Akawungeezi ka leero...ku Lwokusatu olujja akawungeezi, mu kifo ky'okubeera n'olukunjaana olw'okusaba, tujja kubeera na lukunjaana lwa kuwa bujulizi. Twagala buli omu ajje, era lujja kuba lukunjaana lwa kuwa bujulizi." Era bwe batuuka mu—mu kiseera eky'okuwa obujulizi, soma Ekigambo, osabe essaala, ogambe nti, "Kati, twalangirira nti akawungeezi kano ka kuwa bujulizi." Awo oleke abantu bawe obujulizi okumala essaawa eyo yonna oba eddakiika ana mu ttaano, oba eddakiika asatu, oba obudde bwonna bwe baba bakozesseza, mu—mugende mu maaso bwe mutyo. Mulaba kye ntegeeza? Era ndowooza nga kijja kuyamba ekibiina kyo, kijja kuyamba buli kimu kyonna, okutwalira awamu, bw'okikola bw'otyo.

<sup>204</sup> Kati, ki...Obudde burppenzeeko, kale...Ab'oluganda—ab'oluganda, okwanukulwa kuno kwe kukyasinzeeyo nga bwe mmanyi. Ndabye bye mulina ku mitima gyammwe, nange kuno kwe kwanukulwa okukyasinzeeyo kwe mmanyi eri ebibuuzo bye mubuuzziza. Kati, okuva kati okweyerongerayo mutegedde. Era ekibuuzo ekyo bwe kijjanga mu birowoozo byo, jangu eri olutambi. Buuza olwo...Wuliriza olutambi. Oba kikwata ku badiikonni, oba bayima oba ani yenna, musseeko olutambi luzannyne. Muluteekoko luzannyne eri ekibiina baluwulirize bwe baba baagala kuluwuliriza. Kale. Era ekyo—ekyo kye kisingirayo ddala kye mmanyi nga nze nga okwagala kwa Katonda bwe kuli eri Ekkunjaaniro lino wano erisangibwa ku luguudo lwa Eighth ne Penn Street, era eyo y'engeri gye mbatuma mmwe ab'oluganda bino okubiteeka mu nkola wansi w'obukulembeze bw'Omwoyo Omutukuvu, n'ekisa kyonna awamu n'okwagala, nga mulaga ekisa kyammwe eri abantu nti muli Bakristaayo. Naye okubeera *Omukristaayo* tekitegeeza mwana muwere amala gasindiikirizibwa buli ludda, naye kitegeeza "omusajja ajjudde okwagala, naye ate, nga ajjudde okwagala eri Katonda wamu n'eri ekibiina." Mulaba kye ntegeeza?

<sup>205</sup> Waliwo ekibuuzo kyonna? Wano olutambi lunaatera okuggwaako, ate era waliwo anninze ebweru wali. Yabadde wa kujja ssaawa mmeka? [Billy Paul ayanukula nti, "Mu kiseera kino kyennyini."—Omuk.] Mu kiseera kino kyennyini. Anaasobola okwtereeta? ["Ijnenda kugenda mmuleete."] Kale. Kale, ssebo.

<sup>206</sup> Kati, mmanyi kaakano tugenda kufuluma bwe waba tewali—tewali kigambo kirala kyonna. Huh? Kati, bwe waba tewali, leka tusiibule. Weewaawo. Olina ky'ogamba, Ow'oluganda Collins? [Ow'oluganda Collins agamba nti, "Kyandibadde kirungi singa

entambi ziggyibwaako.”—Omuk.] Kale. [Ebbanga ejjereere ku lutambi.]

<sup>207</sup> Kale, ab'oluganda, nsiimye okubeera wano nammwe akawungeezi ka leero, wamu n'Ow'oluganda Neville, n'abadiikoni, n'abayima, n'akulira Ssande sukuulu, mwenna. Tukkiriza nga Mukama anaabayamba kaakano okuteeka mu nkola enkola zino ezirina okugobererwa olw'Obwakabaka bwa Katonda. Ensonga lwaki bino mbyogedde eri nti ndowooza nga kati mukuze ne muva mu kubeera abaana abato ne mufuuka bantu bakulu. Bwe wali okyali mwana muto, wayogeranga nga omwana omuto, era wali otegeera nga omwana omuto. Naye kati oli musajja mukulu, n'olw'ensonga eyo leka tweyise nga abantu abakulu mu nnyumba ya Katonda, tweyise bulungi, nga tussa ekitiibwa mu woofiisi zaffe, era nga tussa ekitiibwa mu buli woofiisi yonna. Buli kirabo kyonna Mukama ky'atuwadde, leka tukirunjamye mu nkola entuufu, tuwe Katonda ekitiibwa n'ebirabo byaffe ne woofisi zaffe.

Leka tusabe.

<sup>208</sup> Kitaffe ow'omu Ggulu, tukwebaza akawungeezi kano olw'ensisinkano eno ey'abasajja abaalondebwa okubeera mu wofiisi ez'enjawulo mu kifo kino okutambuza omulimu gwa Mukama waffe ogukolebwa wano mu Jeffersonville mu kkanisa eno. Ayi Katonda, nsaba omukono Gwo gubabeerek, nsaba Obayambe era obawe emikisa. Nsaba ekibiina awamu n'abantu bategeere era bamanye nti bino bya kwongera kulongoosa Bwakabaka bwa Katonda, tusobole okufuuka abasajja abalina okutegeera era abamanyi Omwoyo wa Katonda, era abamanyi eky'okukola. Kikkirize, ayi Kitaffe. Tusiibule kaakano n'emikisa Gyo, era leka Omwoyo Omutukuvu atukuumre era atulunjamye, era atuwe obukuumi, era bulijjo leka tusangibwe nga tulibeesigwa ku mulimu gwaffe. Mu Linnya lya Yesu Kristo, nsabye. Amiina. 

63-1226 Enkola y'Ekkanisa  
mu Kkuŋgaaniro lyā Branham  
e Jeffersonville, Indiana Amerika

LUGANDA

©2024 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS  
P.O. Box 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.  
[www.branham.org](http://www.branham.org)

## Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekewa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS

P.O. Box 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.

[www.branham.org](http://www.branham.org)